OKUTONGOZEBWA [1]

. . .kindeetera okuwulira obulungi bwe nkiwulira, ekyo kirungi. Weewaawo, kiringa, bulijjo bwe ŋŋambyenga nti, "Nnasanyuse bwe baŋŋambye nti, 'Tugende mu nnyumba ya Mukama.'" Nzikiriza ekyo Dawudi lumu ye yakyogera nti, "Tugende mu nnyumba ya Mukama." Simanyiiyo kifo kirala kirungi kubeeramu, mmwe mulinayo kye mumanyi, ekisinga ku kubeera mu nnyumba ya Mukama.

2 Kati, akawungeezi kano, tulinawo mikwano gyaffe abavudde ewala eri mu Georgia. Oba oli awo bajja kuba bavuga okuddayo oluvannyuma—oluvannyuma lw'ekyemisana olweggulo. Era tujja ku. . .Abamu ku bo bava mmanga eri, nsuubira munaasula. Era ebisenge bye tulina musobola okubikozesa.

3 Kati ku Lwokusatu akawungeezi tujja kugenda mu maaso, n'eky'okuyigako kino, era, Mukama bw'anaaba ayagadde, tweyongere mu maaso nakyo ne ku Ssande ejja.

4 Ate zo enkuŋŋaana z'e Chautauqua zitandika nga mukaaga. Kale mmwe mwenna abaamaze okutegeka oluwummula lwammwe nga bwe lunaaba, tusuubira ekiseera ekirungi ennyo, ddala eky'ekitalo e Chautauqua. Eyo bulijjo gye tubeerera n'ekiseera ekinyuvu ddala. Tebibeera bibiina bya bantu ebinene ennyo, emirundi egimu. . .Luyinza okubaamu abantu nga. . . ndowooza tuyinza okukuŋŋaanya abantu nga omutwalo gumu, nga batudde awatali kanyigo. Naye, bulijjo, ndowooza omwaka oguwedde twalina abantu nga kasanvu, awo bwe batyo. Ekifo kyonna kyajjula ne kikubako, naye waasigalawo n'ekifo ekimala abantu we basobola okuyimirira. Nga bakyasobola n'okutegekawo obutebe okutuukira ddala ebweru. Kale ekiseera nga ekyo kye tulindiridde.

5 Nsanyuse n'okulaba bangi ku baganda baffe abaweereza abali muno. Ssisobola na kujjukira linnya ly'ono atudde wano, omuminsane, Ow'oluganda Humes ne Mwannyinaffe Humes, ye mmwe abatudde awo, n'abato, tusanyuse okuba nabo, omuminsane. Abalala, Ow'oluganda Pat, Ow'oluganda Daulton, ne, ha, bangi nnyo, Ow'oluganda Beeler. Nnalabye n'Ow'oluganda Collins eddakiika ntono emabegako. Ne, ha, kiyinza okuba ekizibu okubamenya bonna. Naye tusanyuse nnyo okuba nammwe mu nnyumba ya Mukama akawungeezi kano. Ow'oluganda ono omwagalwa Neville atudde wano emabega wange okusaba nange nga tugenda okuyigiriza Ekigambo. Charlie, nsanyuse okukulaba wano akawungeezi kano ne Mwannyinaffe Nellie, n'abato. Kino ki. . . okuyigiriza ku

Bayibuli bulijjo . . . Weewaawo, Ow'oluganda Welch, mbadde . . . mmagamaga nga nkunoonya, nkulengera otudde mabega eyo.

6 Okuyigiriza ku Bayibuli bulijjo tekuba kwangu, kuba, kwa, kugendako mpola, nga bwe tukiyita. Naye tugenda ne tuwulira nga oba oli awo, mu kaseera nga kano mu kiseera kino, kyandiba ekirungi okugezaako okuleeta e—ekkanisa ku kye ndowooza, okuba e—entegeera enzijuvu, ey'ekifo, ey'ekyo kye tuli mu Kristo Yesu. Era emirundi egimu ndowooza nti okubuulira kintu kirungi nnyo, naye oluusi nzikiriza, Ow'oluganda Beeler, nti okuyigiriza kusukkuluma ku ekyo, kulina . . . okusingira ddala eri ekkanisa.

Kati, okubuulira bulijjo kwe kukwata omwonoonyi, ne kumuleetera okuwulira nga Ekigambo kimusalira omusango. Naye okuyigiriza kuteeka omuntu mu kifo kyennyini ne kumulaga kyennyini ky'ali. Ate tetusobola kuba na kukkiriza mu ngeri ntuufu okutuusa nga tutegedde ekifo kyaffe kyennyini kiki kye tuli.

7 Kati, ssinga eggwanga lya Amerika, ery'ensi eno ennungi, ssinga lintuma okugenda mu Russia, nga omubaka akiikirira eggwanga lino, mu Russia, kati ssinga kibaawo ne bantuma mu butongole okugenda mu ggwanga lya Russia, obuyinza bwonna eggwanga lya Amerika bwe lirina buba mabega wange. Ekigambo kyange kiba kye kimu ddala nga eky'eggwanga lya Amerika ssinga mba ntongozeddwa nga omubaka ow'okulikiikirira.

8 Kati ne Katonda bw'aba yatutuma okuba ababaka Be, obuyinza bwonna obuli mu Ggulu, ebyo byonna Katonda by'ali, Bamalayika Be bonna wamu n'obuyinza Bwe bwonna byonna biba mabega waffe bwe tuba nga ddala twatongozebwa, ne tutumibwa okuba ababaka eri abantu. Katonda alina okussa ekitiibwa mu Kigambo, kubanga yeeyama nga Awandiika, nti "Kyonna kye mulisiba ku nsi, ekyo Nange ndikisiba mu Ggulu. Kyonna kye mulisumulula ku nsi, Nange ndikisumulula mu Ggulu. Era mbawadde ebisumuluzo by'Obwakabaka." Ddala, nga bisuubizo bikulu ddala bye Yawa ekkanisa!

9 Era nze, okuva olunaku lwa luli . . . Bangi ku mmwe, ndowooza, mwabaddewo wano ku makya nga muwuliriza bwe nnabadde ngezaako, mu ngeri yange ennyangu, eya wansi, okunnyonnyola o—okwolesebwa kwe nnalaba okukwata ku Ggulu.

10 Tewali bwe nnyinza kugezaako kubuusabuusa kintu kyonna omuntu yenna ky'ayinza okuŋŋamba Katonda ky'aba amugambye. Nnandikikkirizza ne bwe nnandibadde nga mu Byawandiikibwa ssikirabamu, era nnandyagadde nzikirize ekigambo ky'owoluganda oyo. Nna—nnandisalawo okusigala ne Bayibuli ky'egamba, naye era muli nsigala nzikiriza nti oba oli awo ow'oluganda yandiba nga teyakitegedde bulungi mu

ngeri emu, nga ayinza okuba nga yawubiddwamu katono. Naye era nnandisigadde nzikiriza nti—nti muganda wange.

11 Era bwe waba waliwo ekintu kyonna ekibugujja munda mu mutima gwange, kye nsaba muli nti tekinvangako mu myaka gyange egijja mu maaso, kwe kuba nti siryerabira kyabaawo ku makya ga Ssande ewedde, nga wiiki. Kirina eky'enjawulo kye kikoze mu nze ekikyusizza obulamu bwange. Si—sitya. Si—ssirina kye ntya ku kufa. Okufa tekulina ntiisa yonna. Naawe te—tekukutiisa ssinga omala n'okitegeera. Kati, osanga ssinga . . . Kikwetaagisa okukiyitamu ggwe kennyini n'okiregako, kubanga tewali ngeri gye kiyinza kunnyonnyolwa. Toyinza kufuna bigambo bikinnyonnyola, kubanga mu nkuluze y'Olungereza tebiriimu, wadde mu nkuluze endala yonna, kubanga kiri mu Butaggwaawo; tekikwata ku lwa jjo, oba olw'enkya, wabula kya kiseera eky'obuliwo. Era si kya kugamba mbu "Mpulira bulungi nnyo," ate bwe wayitawo essaawa n'ogamba nti, "Sseewulira bulungi," ate oluvannyuma lw'essaawa endala nti ate, "kati mpulira bulungi." Kibeerawo ekiseera kyonna. Olaba? Tekirina lwe kikoma, mirembe myereere, ekintu bwe kityo.

12 Era tewayinza kubaayo kibi, teri buggya, teri ndwadde, te—tewali kintu kyonna kiyinza kutuuka ku lubalama luli olw'Eggulu. Era bwe kiba nga kino nzikirizibwa okukyogera, kubanga, oba oli awo nandiba nga ssikkirizibwa. Bwe mba ssikkirizibwa, awo nsaba Katonda ansonyiwe. Naye bwe mba nzikirizibwa, era nga ddala Katonda yaŋŋanya okusitulibwa waggulu mbeeko ne kye ndaba, nnyinza kukiyita Ggulu erisooka. Kati nzikiriza, waaliwo omu mu Bayibuli, ayitibwa, ndowooza yali Pawulo, ye yasitulibwa n'atwalibwa mu Ggulu ery'okusatu. Kati bwe kiba nti Eggulu erisooka lya kitiibwa ekyenkanidde awo, olwo ate Eggulu ery'okusatu lyo lyenkana wa? Ky'ova olaba nga teyasobola kukyogerako okumala emyaka kkumi n'ena! Yagamba nti tamanyi oba yali mu mubiri oba teyali mu mubiri. Okufaananako n'omutume oyo ow'ekitalo, si kugezaako kwegwanyiza wo—wo—woofiisi ye, newankubadde okugezaako okwegeraageranya naye, naye nsobola okwogera wamu naye, nti simanyi oba nnali mu mubiri guno oba bweru waagwo. Kye mmanyi kimu kyokka nti, kyali kya nnamaddala ddala nga bwe mbatunuulidde.

13 Era bulijjo mbaddenga nneebuuza oba ndiba mpitaayita ne ndaba akale nga kaseeyeeya kayitawo, nga ogwo mwoyo, ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda ne mwannyinaffe baabo bagenda, abo ye Charlie ne Nellie. Ate abo abayitawo ye W'oluganda Spencer ne Mwannyinaffe." Ekyo bulijjo kyalinga kimbobbya omutwe. Amaaso gange bwe gaba mu ntaana, nga gavunda, gaggwaawo, nga n'amatu gange tegakyasobola kuddamu kuwulira, nga n'omusaayi gwange gwetuzze ne bagunuunamu ne bakubamu eddagala, oba nga guli mu mazzi oba wansi mu ttaka, nga n'obwongo bwange, obutoffaali bw'obwongo bwange

bwonna tebukyaliwo, olwo ndiba nkyasobola ntya okuddamu okubaawo okuggyako okubeera obubeezi omwoyo obwoyo oguseeyeeya obuseeyeeya? Era ekyo kyammalangamu amaanyi. Nga nneebuuza muli nti ndisobola ntya okugamba katugeze nti, "Ogamba otya, Ow'oluganda Pat, ha, nga nsanyuse okukulaba! Ogamba otya, Ow'oluganda Neville, nga mpulira njagala kukulabako!" Naye nga ndowoozaamu nti, "Kati, bwe ndiba ssirina kya kukozesa kulaba, ssirina mumwa gwa kwogera, nga gwavunda, gwafuuka nfuufu, ndiyinza ntya okugamba nti, 'Ogamba otya, Ow'oluganda Pat,' 'Ogamba otya, Ow'oluganda Neville,' n'ebirala, 'Ogamba ki, Charlie'?"

14 Naye kati ekyo mmanyi kikyamu. Kubanga kyawandiikibwa mu Byawandiikibwa, nga era ŋŋamba nti tekikontana, "Kubanga ensiisira eno ey'omu nsi bw'eryabizibwa, tulina endala etulindiridde," ensiisira endala erina amaaso, amatu, emimwa, obwongo. "Ensiisira eno ey'omu nsi bw'eryabizibwa!" Eri erina omubiri ogusobolera ddala okukomebwako, era n'okwogera.

15 Era kati kyakanzijira, mu kiseera kino kyennyini, nti Musa okuva lwe yafa yali awezezza emyaka lunaana mu ntaana eyali temanyiddwa w'eri, nga wayiseewo n'emyaka ebikumi bitaano okuva Erisa lwe yagenda mu Ggulu, naye ku Lusozi Olw'okuwanyisibwa ne balabibwa nga boogera ne Yesu.

16 Samwiri yali yafa dda emyaka nga esatu oba etaano, kyokka omulogo w'e Endoli n'amuyitayo, era omulogo n'agwa ku bwenyi bwe, n'agamba nti, "Onnimbye, kubanga ggwe Sawulo, yennyini." N'agamba nti, "Kubanga ndaba bakatonda!" Yali mukaafiiri, okiraba. "Ndaba bakatonda nga basituka."

17 Naye nga Sawulo tannamulaba, kwe kumubuuza nti, "Afaanana atya? Nyinyonnyola bw'afaanana."

Omukazi n'agamba nti, "Mutonotono, alina n'omunagiro ku kibegabega kye."

18 N'agamba nti, "Oyo ye Samwiri, nnabbi, mmuggyeeyo omuleete wano mmulabe." Era njagala weetegereze nti Samwiri yali takyukangako mu butonde bwe. Yali akyali nnabbi. Era yategeeza Sawulo kyennyini ekyali kigenda okubaawo enkeera.

19 Kati, mukiraba, okufa tekutusaanyizaawo ddala nga bwe tukaaba ne tukuba ebiwoobe n'okukungubaga ku ntaana. Kukyusa bukyusa bifo byaffe we tubeera. Kutuggya mu kifo ekimu oku. . . Emyaka girina makulu ki? Ssinga mpangaalayo essaawa endala emu, era nja kuba mpangadde okusinga bangi ku b'emyaka ekkumi n'omukaaga, nja kuba mpangadde okusinga bangi ab'emyaka etaano. Emyaka tegiriimu makulu. Wano tuliwo bubeezi lwa kigendererwa, kubaako na kye tukola.

20 Kale, kati, bangi ku bammaama bano abatudde wano abalabika obungi, nga abamu ku bo balina emyaka nga nkaaga oba nsanvu, bayinza okumbuuza nti, "Naye ddala, nze kiki kye

nkoze, Ow'oluganda Branham?" Okuzizza abaana bo. Okoze kye walina okukola.

21 Oba oli awo wayinza okubaawo muzeeyi taata omu atudde wano, ayinza okugamba nti, "Naye, nze nkozenga gwa kutema mavuunike, nze *kino* kye nkozenga. Ssibuulirangako." Naye wakolera ddala ekyo kyennyini Katonda kye yakutuma okukola. Ekyo kye kifo kyo.

22 Nnabadde njogerako ne ddokita omu omukadde, olunaku lwa jjo, ddokita omu ku mikwano gyange, munywanyi, wa myaka nga kinaana. Mulamu we waali wano mu kkanisa akawungeezi kano, era bambi abaddenga amulumirwa omutima, nga mweraliikirivu ku lulwe. Kale nnagendayo okumulaba. Era olwatandika tuti okunyumya, n'akyamuka, n'atandika okunnyumiza ku lugendo lw'okuyigga lwe yagendako emyaka mingi nnyo egiyise eyo mu Colorado, mu kitundu kyennyini gye njiggira. Nga yenna musanyufu nnyo! Ne mmubuuza nti, "Dokita, omulimu gw'obusawo ogumazeemu bbanga ki?"

23 N'aŋŋamba nti, "Okuva nga okyayonka." Munda mu nze ne ŋŋamba nti. . . "Era emirundi mingi," n'agamba nti, "nkoze omulimu guno, nga ntambulira ku kigaali kyange, nga nteeka amatandiiko ku mbalaasi yange. Oluusi nkuttenga ensawo yange entono ey'olukoba ne ntambula."

24 Ne ŋŋamba nti, "Mazima, nga ogenda oserengeta ku mabbali g'akagga, ku ssaawa eyo munaana ez'ekiro ne ttooci yo, nga ogezaako okunoonya awali akaana akalumizibwa olubuto oba omukazi alumwa okuzaala."

"Ky'ekyo kyennyini."

25 Ne mmugamba nti, "Naye omanyi, ddokita, nzikiriza nti, emitala w'omusittale guno ogwawula, wakati w'okufa n'obutafa, Katonda alinayo ekifo ky'abasawo bwe batyo abalungi abaweerezza mu ngeri bw'etyo."

26 Amaziga amayitirivu ne gakulukuta okuva mu maaso ge n'atulika n'akaaba, n'awanika emikono gye egyali ginafuye n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda, ka nsuubire bwe kityo bwe kiri." Nga osomose erudda eri, Katonda emmeeme y'omuntu gy'alamula, kiki omuntu oyo ky'ali.

27 Awo ne mmuwa Ekyawandiikibwa kino ekimatiza. Emirundi mingi, nga awaguza okuyita mu bifo ebyo ebikutte enzikiza ebijjuddemu ebisooto, okugezaako okubaako ne gw'ayamba, nga osanga n'okusasulwa tasasulwa, naye ekyo si ye nsonga. Ne ŋŋamba nti, "Yesu yagamba mu Byawandiikibwa nti, 'Balina omukisa ab'ekisa, kubanga balikwatirwa ekisa.'" Era ekyo kituufu.

28 Era akawungeezi ka leero twagala okusimba ekkanisa, okuyita mu masomo gano asatu, Katonda bw'anaaba akkirizza, kiki eky'okutunuulira na ngeri ki ey'okukitunuulira, ne kiki kye

tuli. Tugenda kutandikira ku ssuula 1 ey'Ekitabo ky'Ebbaluwa ya Pawulo eri Abaefeso. Era tugenda kukwata ku ssuula essatu ezisooka mu masomo gaffe asatu agaddako, nga tugezaako okukwata ku ssuula emu buli kawungeezi, bwe tunaaba tusobodde. Akawungeezi ka leero, ku Lwokusatu, ne ku Ssande ejja ku makya. Abaefeso, essuula 1. Kaakati nga bwe tuyiga ffenna, njagala okwogera kino, nti Ekitabo kino eky'Abaefeso kifaanaganira ddala n'ekya Yoswa mu Ndagaano Enkadde. Abaefeso, Ekitabo ky'Abaefeso.

29 Kati, jjukira, ssinga tuwugukamukko katono, ne twawukanamukko n'enjigiriza yo, bambi tusaasire era otugumiikirize. Nga tetunnakibikkula, leka tumusabe Atuyambe, nga bwe tukotese emitwe gyaffe.

30 Mukama, tujja eri Ebyawandiikibwa Byo ebitukuvu era eby'ekitiibwa, ebiriko obukuumi obw'amaanyi okusinga eggulu lyonna wamu n'ensi. Kubanga tusoma mu Kigambo kino, ekiyitibwa Bayibuli, nti "Eggulu n'ensi byombi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremererwa." Kaakano, mu kaseera kano ak'ekitiibwa we nzijira mu kituuti akawungeezi kano, mu maaso g'abaagulibwa Omusaayi Gwo, abaagalwa bano ab'omuwendo abafa abatudde wano akawungeezi kano, abawammanta okukwata buli ssuubi ettono lyonna lye basobola, okusobola okulindirira Omusana ogwo ogugenda okujja. Leka essuubi eryo libeere nga limala, akawungeezi kano, kibeere nti buli mukkiriza yenna ali wano anaalaba ekifo kye, na buli omu yenna atannajja mu kussa kimu kuno okw'ekitalo, anyigirize okuyingira mu Bwakabaka, ayi Mukama, era akonkone ku luggi okutuusa Omukuumi lw'anaggulawo oluggi. Kikole, ayi Mukama.

31 Tusoma muno mu Bayibuli etalina kuweebwa nzivuunula ya muntu yenna ku bubwe. Ayi Katonda, tokiganyanga nti nze omuweereza Wo oba omuweereza omulala yenna okugezaako okuwa Ekigambo enzivuunula eyiye ku bubwe. Leka tukisome busomi era tukikkirize, nga bwe kyawandiikibwa. Nnaddala ffe abasumba b'ebisibo, ffe abasumba lumu abalikuŋŋaanira emitala mu Nsi eyo ey'ekitiibwa n'ebisibo ebitonotono, era nga tuliyimirira mu Maaso ga Mukama waffe Yesu ne tulaba omulembe ogwo nga guvaayo, ogwa ba Pawulo, ne Peetero, ne Lukka, ne Makko, ne Matayo n'abalala bonna, ne tubalaba nga balamulwa wamu n'ebibinja byabwe. Ayi Katonda, nsaba onsobozese nteeke ebirabo obukadde kkumi ku bigere Byo bwe ndyewalula mu bwetowaze ne nzija mu maaso ne nteeka emikono gyange ku bigere Byo eby'omuwendo, ne ŋŋamba nti, "Mukama, Babo."

32 Ai Katonda, tujjuze bupya Omwoyo Wo, n'okwagala Kwo n'obulungi Bwo. Era tusaba, nti nga omutontomi bwe yayimba mu luyimba emyaka mingi egyayita nti, "Ayi Omwana gw'endiga ogwafa, Omusaayi Gwo ogw'omuwendo tegulikendeera maanyi,

okutuusa Ekkanisa ya Katonda ennunule yonna lw'erirokolebwa obutaddayo kwonoona nate. Era olw'okukkiriza, okuva lwe nnalaba ensulo eyo, eyakulukuta okuva mu biwundu Byo; okwagala okw'obununuzi gwe gubaddenga omulamwa gwange, era gwe gunaabeera omulamwa gwange okutuusa lwe ndifa. Bwe kityo mu luyimba olw'ekitiibwa, oluwoomerevu," agenda mu maaso n'agamba nti, "Nnaayimbanga ku maanyi Go agalokola; okutuusa olulimi luno olw'ekirimi, era olunanaagira lwe lulisirikira emagombe." Olwo, nga amagombe tegakyasobola kusibira baana Bo mu kufa. Wabula kifo ekiwummulirwamu, oba ekifo eky'okwekwekamu, omubiri guno ogufa mwe gulyambalira obutafa.

33 Tusaba kino tukirabe akawungeezi ka leero, Mukama, mu bulambulukufu nga bwe kituweebwa mu Kigambo. Tuwe okutegeera. Era otuteeke, ayi Mukama, mu bifo byaffe mwe tuteekwa okuba, tusobole okukuweereza n'obwesigwa okutuusa lw'Olijja. Bino tubisabye okuyita mu Linnya lya Yesu, era ku Lulwe. Amiina.

34 Kati, Ekitabo ky'Abaefeso, nga bwe mbadde ŋŋamba, nze . . . mu ndaba yange, kye kimu ku Bitabo ebisingayo obukulu mu Ndagaano Empya. Kituleka, awo Abakaluviini we beekubiira ku ludda olumu, n'Abaruminiya ne beekubiira ku lulala, naye Ekitabo ky'Abaefeso kibigatta wamu ne kisimba Ekkanisa mu kifo kyayo mw'erina okuba.

35 Kati, nkigeraageranyizza n'ekya Yoswa. Bw'oba weetegerezza, Isiraeri yafulumizibwa n'eva e Misiri, era olugendo lwabwe lwalimu emitendera esatu. Omutendera ogusooka, kwali kufuluma Misiri. Omutendera ogwaddako, lyali ddungu. Ate omutendera ogwaddako, yali Kanani.

36 Kati, Kanani si kifaananyi kya kufuga okw'Emyaka Olukumi. Wabula kifaananyi kya mulembe ogw'omuwanguzi, ekiseera eky'okuwangula, kubanga mu Kanani baali batta nga bookya ebibuga n'okubiwamba. Ate nga tewalibaayo kufa mu kufuga okw'Emyaka Olukumi.

37 Naye ate ekirala ky'eyoleka, eraga okuggyibwako omusango olw'okukkiriza, bwe bakkiririza mu Musa ne bafuluma Misiri. Okutukuzibwa, bwe baatambulira wansi w'Empagi ey'Omuliro n'okutangirira kw'akaliga ka ssaddaaka mu ddungu. N'oluvannyuma lwa byonna okuyingira mu nsi eyali yabasuubizibwa.

38 Kati, ensi eyasuubizibwa eri omukkiriza ow'Endagaano Empya y'eruwa? Ekisuubizo ye Mwoyo Omutukuvu. "Kubanga olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma," Yoweeri 2:28 nti, "Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri. Batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula. Era ne ku bazaana Bange ne ku baddu Bange Ndifuka Omwoyo Gwange ku bo, era baliragula. Ndyolesa eby'ekitalo waggulu mu ggulu. Wamu

ne mu nsi, empagi ez'omuliro, n'omukka, wamu n'olufu." Era Peetero yagamba, ku lunaku lwa Pentekoote, bwe yamala okuwa eky'okuyigirizaako kye n'abuulira n'agamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako," okuggyawo, okusonyiwa, okuggyawo ebyonoono byonna eby'emabega.

39 Mwali mwetegerezza nti, Yoswa, bwe baali tebannasomoka Yoludaani, Yoswa yagamba nti, "Muyite mu lusiisira wakati mutukuze ebyambalo byammwe na buli omu ku mmwe yeetukuze, era tewaba musajja n'omu mu makkati gammwe asembera eri mukyala we, kubanga mu nnaku ssatu eziddako mujja kulaba ekitiibwa kya Katonda." Mukiraba? Mu—mutendera gwa kwetegeka kusikira kisuubizo. Kati, ekisuubizo eri Isiraeri, kyali nti, Katonda yawa Ibulayimu ekisuubizo ky'ensi, ya Palestina, era yalina kuba yaabwe emirembe n'emirembe. Era lubeerera baalina kubeeranga mu nsi eno.

40 Kati, baayita mu mitendera esatu, okutuuka mu nsi eno ensuubize. Kati wekkaanye, kirambikibwa bulungi nnyo mu Ndagaano Empya.

41 Kati kino, nga bwe ŋŋambye, kikontana n'endowooza z'abamu ku mmwe. Abamu ku mmwe aba Nazarene abalungi, n'ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Katonda, n'abalala, kino tekibayisa bubi, wabula mukyetegereze bwetegereza mulabe ebigeraageranyizibwa nakyo. Mulabe oba buli kimu ku byo tebikwataganira ddala nga bwe birina kuba.

42 Luli gyali emitendera esatu egy'olugendo, n'olugendo luno lulimu emitendera esatu. Kubanga, tuggyibwako omusango olw'okukkiriza, nga tukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, ne twabulira ensi y'e Misiri, ne tufulumayo. Ne tutukuzibwa okuyita mu ssaddaaka y'Omusaayi Gwe, ne tunaazibwako ebibi byaffe, ne tufuuka abatambuze are abayise, nga twatula nti tunoonya ensi, ekibuga ekijja, oba ekisuubizo.

43 Ne Isiraeri bwe baali bwe batyo mu ddungu, abayise, abatalina wa kuwummulira, nga batambula buli kiro, nga bagoberera Empagi y'Omuliro, naye ku nkomerero ya byonna ne batuuka mu nsi ensuubize mwe baasimba amakanda.

44 Ekyo omukkiriza ky'ayitamu. Okusooka asooka n'ategeera nti mwonoonyi; olwo n'alyoka ayawulwa amazzi, n'anaazibwa n'amazzi, okuyita mu Musaayi, olwo . . . oba n'anaazibwa n'amazzi okuyita mu Kigambo, manyanga, nga akkiriza Mukama waffe Yesu Kristo. Kati, bw'amala okuggyibwako omusango olw'okukkiriza, n'afuuka agabanira awamu, n'aba n'emirembe ne Katonda, okuyita mu Kristo, nga abatiziddwa mu Linnya lya Yesu Kristo, okumuggya mu lugendo. Mukifuna? N'ayingizibwa mu lugendo! Olwo n'afuuka omuyise era omutambuze. Kati ali mu lugendo kulaga wa? Okugenda eri ekisuubizo Katonda kye yasuubiza.

45 Isiraeri baali tebannafuna kisuubizo, wabula baali mu lugendo nga bakyolekedde. Era mbasaba temusituka. . . Nsaba muntegeere. Awo mmwe aba Nazarene n'aba Pilgrim Holiness, n'abalala, we mwagwira. Kubanga, Isiraeri, bwe baatuuka mu kifo ekyo, ekya Kadesubaneya, abakessi bwe baagenda eri ne bagamba nti, "Ensi nsuffu obulungi," naye abamu bajja ne bagamba nti, "Tetusobola kugirya, kubanga ebibuga byayo biriko bbugwe, n'ebirala bye baayogera." Naye Yoswa ne Kalebu ne bayimirira, ne bagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya!" Nga beesigama ku biwandiiko byabwe ebyassibwako emikono, bakkiririza mu mirimu ebiri egy'ekisa, obutabalirwako musango n'okutukuzibwa, ne batasobola kweyongera mu maaso kusukka awo. Era, muwulirize, omulembe ogwo gwonna gwazikiririra mu ddungu. Wabula babiri be baasomoka ne bayingira mu nsi ensuubize ne baleeta obukakafu nti yali nsi nnungi ne bagamba nti, "era twabadde tuyinza n'okukirawo okugirya, kubanga kisuubizo kya Katonda." Bwe batyo n'abantu mu kifo ky'okugenda mu maaso, okufuna Omwoyo Omutukuvu, n'okwogera mu nnimi, n'okufuna amaanyi ga Katonda, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'okukola obubonero, ebyewuunyo, n'ebyamagero, baawulira nga ebyo bijja kuzikiriza obulombolombo bw'enjigiriza zaabwe. Era kiki ekyabatuukako? Baazikiririra mu nsi! Bwe kiri.

46 Naye abakkiriza, abo abakkiriziganya ne Yoswa ne Kalebu, abaali bamaliridde okufuna ekisuubizo, bo beeyongerayo ne bayingira mu nsi, ensi ne bagirya, era ensi ne bagituulamu, ne bagyezza. Naffe tetukoma ku kuggyibwako musango, na kutukuzibwa. Wabula leka tweyongere mu maaso tutuuke ku kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Leka tuleme kukoma ku kukkiriza Mukama waffe Yesu, na kubatizibwa. Leka tuleme kukoma ku kuba nti Yatulongoosa n'atujja mu bulamu obw'okwonoona. Naye kaakano tunyigiriza okutuuka mu kifo, awali ekisuubizo ky'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kubanga Peetero yagamba, ku Lunaku lwa Pentekoote nti, "Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo bonna abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita."

47 N'olwekyo, ekitabo ky'Abaefeso kino, nga n'ekya Yoswa, nakyo kituteeka mu bifo byaffe mwe tulina okuba. Bwe weetegereza, Yoswa, nga bamaze okusomoka n'okulya ensi, kye yazzaako kwali kubagabanyizaamu nsi. "Efulayimu *wano,* Manase *wano,* ono *wano,* Gaadi *wano,* Benjameni *wano*." N'abagabanyizaamu ensi.

48 Kati mwekkaanye! Ha, kino kireetera emitima gyaffe okubugujja! Buli omu ku bamaama abo Abaebbulaniya, bwe yabanga azaala abaana abo, mu kulumwa ebisa bwe yabanga agenda okuzaala, yayogeranga ekifo kyennyini, mwe baali ab'okuteekebwa mu nsi ensuubize. Ha, ekyo kyakuyigako

kya maanyi! Ssinga tubadde tusobola okukirambulula, kyanditutwalidde essaawa n'essaawa. Lumu bwe tuliba tumaze okutereeza ekkanisa yaffe, njagala nzije mmale omwezi mulamba oba ebiri, nga njigiriza ku ekyo kyokka. Wekkaanye, bamaama abo buli omu ku bo, bwe yalaajananga nti, "Efulayimu," nga alumiddwa ebisa, ekyo kyamuteekanga mu kifo kyennyini ekigere kye we kyalina okuba mu mafuta. Wennyini wennyini buli omu ku bo we yali!

49 Ne Yoswa, nga kino takimanyiiko, wabula nga aluŋŋamizibwa, era nga akulemberwa Omwoyo Omutukuvu, bwe baamala okuyingira mu nsi ensuubize, yawa buli omu ekisuubizo kye, nga ky'ekyo kyennyini Omwoyo Omutukuvu kye yasuubiza emabega eri bwe baali bazaalibwa.

50 Nga kyewuunyisa engeri Katonda gy'atadde abamu mu bifo byabwe mu kkanisa, okuyita mu bisa eby'okuzaala! Ha, ebisa ebyo oluusi biyitirira obulumi. Ekkanisa bw'ebeera mu kusinda olw'okuyigganyizibwa ensi egyetoolodde, nga bakkiriza Mukama Yesu, nti ekisuubizo ky'Omwoyo Omutukuvu kya nnamaddala gye tuli nga bwe kyali ku Pentekoote, nga basinda n'okukaaba olw'okulumwa ebisa! Naye bwe bazaalibwa, nga bazaaliddwa mu bifo byabwe mwennyini mu Bwakabaka bwa Katonda, awo Omwoyo Omutukuvu abeera atadde mu kkanisa, abamu nga batume, abamu nga bannabbi, abamu nga bayigiriza, abamu nga basumba, abamu nga babuulizi ba njiri. Era Abeera ataddemu, okwogera mu nnimi, okuvvuunula ennimi, okumanya, amagezi, ebirabo eby'okuwonya, n'ebyamagero ebya buli ngeri.

51 Ekkanisa w'eri . . . Kati kino ky'ekigendererwa kyange mu kukola kino. Mu kkanisa bulijjo buli omu abeera agezaako kutwala kifo kya mulala. Naye ekyo tokikola. Tosobola kulima kasooli ku ttaka lya kika kya Efulayimu, bw'oba oli wa kika kya Manase. Olina kutwala kifo kyo mu Kristo, ekifo ekyo kyennyini ky'oba otwala. Ha, kyeyongera okuba eky'obuziba era ekinyuvu gye tweyongera okuyingira munda wano, engeri Katonda gy'assaawo omu mu kkanisa okwogera ennimi, omulala . . . Kati, emirundi mingi tuyigiriziddwa mbu, "ffenna tulina okwogera mu nnimi." Ekyo kikyamu. "Ffenna tulina okukikola." Nedda, si ffenna nti tulina okukikola. Bonna tebaakola kintu kimu. Buli omu yali . . .

52 Buli omu ku bo, ensi yabaweebwa era n'ebagabanyizibwa olw'okuluŋŋamizibwa. Era, buli omu ku bo, nsobola okuggyayo Ebyawandiikibwa ne nkibalaga bulungi ddala, nti yabateeka mu bifo buli omu we yali ateekwa okuba, mu bifo byennyini, nga ebitundu ebibiri eby'ebika ebibiri gye byali eby'okusigala emitala w'omugga, nga ekyo bannyaabwe kye baakaaba nga babazaala, era n'engeri buli kifo bwe kyalina okuba.

53 Era kati bw'omala okuyingira, ekyo tekitegeeza nti olwo entalo zikomye. Osigala okyalina okulwanira buli yinci y'ettaka kw'oyimiridde. Kati awo, mukiraba nti, Kanani yali teyoleka Ggulu liri ekkulu, kubanga mwalimu entalo n'emitawaana n'okuttiŋŋana n'okulwana, n'ebirala bwe bityo. Wabula yali eyoleka kino, nti buteekwa kuba bulamu obutuukiridde.

54 Weewo ekkanisa w'eremererwa olwa leero, okutambulira mu bulamu obwo. Obadde okimanyi nti n'enneeyisa yo yennyini esobola okuziyiza omuntu omulala okuwonyezebwa? Enneyisa yammwe embi, ey'okubeera n'ebibi ebiteenenyezeddwa mmwe abakkiriza, esobola okuviirako ekkanisa eno okulemererwa ekitenkanika. Era ku Lunaku lw'Omusango ggwe alivunaanyizibwa ku lwa buli kulemererwa kwayo kwonna. "O," oyinza okugamba nti, "kati, lindako katono, Ow'oluganda Branham." Naye, ago ge Mazima. Kirowoozeeko!

55 Yoswa, bwe yamala okusomoka n'ayingira mu nsi, Katonda yamuwa ekisuubizo ekigamba nti. . . Ggwe kirowoozeeko, okulwana olutalo lwonna awatali kufiirwa wadde omuntu omu, awatali n'omu akwagulwa wadde, nga temwetaaga kugenda na mujjanjabi yenna, oba okugenda n'obujjanjabi obusookerwako wadde bandegi. Amiina. Katonda yagamba nti, "Ensi yammwe, mugende mulwane." Ggwe lowooza, ku kulwana olutalo lwonna ne luggwa, nga aba Red Cross tewali n'omu, kuba tewali wammwe n'omu agenda kulumizibwa!

56 Era batta Abamoli n'Abakiiti, naye tewali n'omu mu bo yalumizibwa okutuusa ekibi lwe kyayingira mu lusiisira. Naye Akani bwe yatwala ekyambalo ky'Ababalulooni ekyo n'olulimi lwa zaabu olwo, n'abikweka mu nsiisira ye, enkeera baafiirwa abasajja kkumi na mukaaga. Yoswa n'abagamba nti, "Muyimirize okulwana! Muyimirize okulwana! Musooke mulindeko, waliwo ekitali kituufu! Wano waliwo ekitali kituufu. Tugenda kulangirira ennaku musanvu ez'okusiiba. Katonda yatusuubiza nti, 'Tewaliba kintu kyonna kiritulumya.' Abalabe baffe baligwa ku bigere byaffe. Kitegeeza wano waliwo ekikyamu. Waliwo ekitali kituufu awantu awamu, kubanga tulina wano abasajja kkumi na mukaaga abattiddwa. Baganda baffe Abayisiraeri, naye baafudde."

57 Lwaki baafa, abasajja abataalina musango? Kubanga waliwo omuntu omu eyaseeseetuka n'ava mu layini. Mulaba ensonga lwaki kino kyetaagisa okuyigirizibwa? Kusobozesa kkanisa okuluŋŋama, n'etambulira ku Kigambo kya Katonda, n'etambulira ku biragiro bya Katonda na buli muntu n'atabagana ne munne, ne batambulira mu butuukirivu, mu bwegendereza, mu maaso g'abantu bonna, mu kutya Katonda. Ekikolwa ky'omuntu omu okubba ekyambalo, n'akola ekintu ky'ataalina kukola, kyasaanyaawo obulamu bw'abasajja kkumi na mukaaga! Ndowooza baali kkumi na mukaaga, oba oli awo baali basingawo. Nzikiriza baafa abasajja kkumi na mukaaga.

58 Yoswa n'abayita, n'abagamba nti, "Waliwo ekitali kituufu! Katonda yatusuubiza, naye wano waliwo ekitali kituufu."

59 Bwe tuleeta abalwadde mu maaso gaffe, ne batawonyezebwa, twetaaga okulangirira okusiiba okw'enjawulo okw'okwekebera, tukuŋŋaane. Waliwo ekitali kituufu awantu awamu. Katonda yakola ekisuubizo, era Katonda alina okunywerera ku kisuubizo ekyo, era Ajja kukikola.

60 Bw'atyo n'ategeka okusiiba. Ne bakizuula, bwe baakuba akalulu. Akani n'akyatula. Bw'atyo Akani ne bamutta, n'ab'enju ye bonna na buli kimu, n'evvu lyabwe ne balyokya, ne balireka awo nga ekijjukizo. Oluvannyuma Yoswa ne yeeyongerayo nga alwana entalo ez'enjawulo, nga awamba buli kimu, awatali kufuna yadde enkwagulo oba ekiwundu. Kiikyo.

61 Lumu yali yeetaaga obudde, obudde obusingawo ku bwe yalina. Enjuba yali egwa, nga abasajja tebayinza kulwana bulungi nga buzibye. Yoswa, omulwanyi oyo nnamige, Katonda gwe yafukako amafuta, n'amuteeka mu kifo kye ekituufu mu nsi eyo, okufaananako n'Abaefeso mu Kkanisa empya, yalya, n'alya, n'alya ensi, n'agyezza. Yali yeetaagayo obudde obusingawo, kye yava agamba nti, "Ggwe enjuba, yimirira!" Enjuba n'eyimirira okumala essaawa nga kkumi na bbiri, okutuusa lwe yawamba ensi. Mukiraba?

62 Kaakati Ekitabo ky'Abaefeso naffe kituteeka mu bifo byaffe mu Kristo, nga bwe baateekebwa mu Nsi Entukuvu. Tetuteekebwa buteekebwa mu Nsi Ntukuvu, wabula tuteekebwa mu Mwoyo Omutukuvu! Kati leka tusome Ekigambo, tulabire ddala ekkanisa bw'eteekebwamu:

> *Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, . . .*

63 Ha, ekyo nkyagala! Katonda ye yamufuula omutume. Tewali bakadde baamussaako mikono, tewali balabirizi baamutuma kugenda wantu wonna, wabula yali Katonda ye yamuyita n'amufuula omutume.

> *Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, eri abatukuvu* (abo abaatukuzibwa) *abali mu Efeso, n'abakkiriza mu* Yesu Kristo:

64 Weetegereze kino b'akiwandiikira. Kino tekigenda eri batakkiriza. Kino kigenda eri kkanisa. Kigenda eri abo abaayitibwayo, abaatukuzibwa era abaayitibwa abali mu Kristo Yesu.

65 Kati, bw'oba oyagala okumanya engeri gye tuyingira mu Kristo Yesu, osobola okubikkula mu Abakkolinso Ekisooka 12, wagamba nti, "Kubanga ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Tutya? Nga tubatizibwa na ki? Mwoyo Omutukuvu. Si kubatizibwa mu mazzi, mmwe ab'enzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo, wabula olw'ennukuta

ennene M-w-o-y-o, lwa Mwoyo omu. Si lwa kukwatibwako mu ngalo omulundi gumu, oba lwa bbaluwa emu, oba lwa kumansirwako omulundi gumu. Wabula, "Olw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu," obutaka bwaffe, Ensi Katonda gye yatuwa okubeeramu, Omwoyo Omutukuvu. Mu ngeri y'emu nga Abayudaaya bwe Yabawa Kanani, naffe Yatuwa Omwoyo Omutukuvu. "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Mukifuna?

66 Kati wano, ayogera eri Abakanani ab'omwoyo, Isiraeri, Abaisiraeri ab'omwoyo abalidde ensi. Ha, temuli basanyufu okuba nti mwava ku katunguluccumu w'e Misiri? Temuli basanyufu okuba nti mwafuluma eddungu? Era, mujjukire nti, baalyanga mmaanu, emmere ya Bamalayika eyagwanga okuva mu Ggulu, okutuusa lwe baasomoka ne bayingira mu nsi. Naye bwe baasomoka ne bayingira mu nsi, awo emmaanu n'erekera awo okugwa. Baali bakulidde ddala, bwe batyo ne batandika okulya ku kasooli w'omu nsi eyo. Kaakano, kaakano nga bwe mutakyali bawere, kaakano nga bwe mutakyayaayaanira mata ga Njiri, nga temukyetaagisa kubiibiitibwa, na kuwembejjebwa, na kusendasendebwa okujja ku kkanisa, kaakano nga bwe muli Abakristaayo abakulidde ddala, kaakano kye kiseera okulya ennyama ekaluba. "Kye kiseera mubeeko ne kye muyingiramu," bwe yabagamba. Kye kiseera okubaako ekintu ekinyuvu era eky'obuziba kye mutegeera. Ha, butereevu tugenda kukiyingiramu. Wabula, ha, kyali kyakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Yabagamba nti, "Kaakano nga bwe mutuuse wano, kino nkiwandiikira mmwe." Sikiwandiikira abo abaakava e Misiri, sikiwandiikira abo abakyali mu lugendo, wabula nkiwandiikira abo abali mu nsi ensuubize, abaafuna ekisuubizo.

67 Bameka nga wafuna ekisuubizo eky'Omwoyo Omutukuvu? O, toli musanyufu okuba nti kati oli mu nsi munda? Nga kati oli ludda eno, olya ku kasooli omukulu, olya ebintu bya Katonda ebigumu nga kati ebintu obitegeera bulungi. Endowooza—yo ey'omwoyo yonna yalongoosebwa. Kati omanyi bulungi y'Ani. Omanyi bulungi ky'Ali. Omanyi bulungi wa gy'olaga. Okitegeerera ddala bulungi Ekyo. Omanyi Oyo gwe wakkiriza era oli mumativu ddala nti Asobolera ddala okukuuma ekyo kye wamukwasa okutuusa ku lunaku luli. Ha, kati y'oyo, oyo bw'atyo Pawulo gw'ayogerako kaakano. Muwulirize bulungi. Kaakati mwetegereze.

. . . abakkiriza mu Kristo Yesu:

68 Kati, ekyo njagala ekkanisa ekiddemu. Tuyingira tutya mu Kristo? Nga twegatta ku kkanisa? Nedda. Nga tuwandiikibwa amannya gaffe mu kitabo ky'ekkanisa? Nedda. Nga tubatizibwa nga tunnyikibwa? Nedda. Tuyingira tutya mu Kristo? Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu kisuubizo

kimu, Omubiri, era tufuuka abagabana ku ebyo byonna ebiri mu nsi eyo. Amiina! Ha, ekyo—ekyo nkyagala nnyo. Ssinga obulago bwange tebubadde busaakaavu, nnandireekaanye. Bannange, bwe nnayingira mu nsi eno, kati yange. Kati ndi waka; ndi mu Kanani. Wendi Katonda okunkozesa kyonna ky'ayagala okunkozesa. Ntambulira ku ttaka ttukuvu, ndi mwana wa Kabaka, nnyambaziddwa era nnekedde. E Misiri nnavaayo, nnayingira mu nsi ensuubize, ebigezo byonna nnabiyitamu, Yoludaani nnamusomoka ne nnyingira mu kisuubizo kino eky'omukisa. Ha, nnakifuna ntya? Ku bw'Omwoyo omu. Mu ngeri y'emu Pawulo gye Yamufunamu, n'ankola nga bwe Yamukola, era nga naawe bwe Yakukola. "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa." Si kumansirwa, nga Atumansirwako bumansirwa, ne tuwulira bulungi; wabula okunnyikibwa ne tumubuliramu! Fenna ne tuwugira muli, mu Mwoyo Omutukuvu. Ekyo ky'ekisuubizo.

69 Ekitabo kyaffe eky'Abaefeso, Yoswa waffe, nga ye Mwoyo Omutukuvu, *Yoswa* kitegeeza "Yesu Omulokozi." Yoswa ekitegeeza Omwoyo Omutukuvu nga wano yali akiikirirwa mu mwoyo engeri kiri gye kyaliwo mu mubiri, nti Ye Mulwanyi waffe nnamige. Ye Mukulembeze waffe ow'ekitalo. Nga Katonda bwe yali ne Yoswa, bw'atyo Katonda era bw'ali (mu Mwoyo Omutukuvu) nga atutambuza. Era ekibi bwe kiyingira mu lusiisira, nga Omwoyo Omutukuvu alagira muyimirire, "Kikyamu ki ekiri mu kkanisa eno? Waliwo ekikyamu." O, temusobola kukiraba nti tulina batabani ba Kiisi abayitirivu ennyo kati? Tulina Basawulo bayitirivu obungi abafuluma mu seminaaliyo ne mu matendekero g'eby'eddiini abagenda bayigiriza bino ebintu ebikyamya, nga Bayibuli bwe yagamba nti bwe balikola. "Nga balabika nga, abatalina Kukkiriza, nga babeeyawulako, nga tebassa kimu nammwe, n'ebirala, nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda wabula nga beegaana Amaanyi gaakwo: abo bwe batyo mubakubanga amabega." Ne gye baava tebamanyiiyo, tebalina na nsonga yonna gye basobola kuwa.

70 Kino nkyogera nga nkiggya ku W'oluganda Booth Clibborn, mukwano gwange, bwe waba waliyo ekintu kyonna ekye-. . . ekyeboolereze Katonda ky'ataatonda, nga waliyo ekintu kyonna mu nsi bwe kityo, ye nnyumbu. Ennyumbu kye kintu ekisingayo okuba ekya wansi mu bintu byonna. Yo. . . te—temanyi ky'eri. Tesobola kuzaala nnyumbu ndala. Ennyumbu tesobola kuwakisibwa na nnyumbu ginnaayo ne zizaala ennyumbu endala. Eba yakoma. Temanyi taata waayo gye yava, ne maama waayo temumanyi, kubanga erimu omusaayi gw'e—gw'endogoyi n'embalaasi enkazi. Ekyo Katonda si ye yakikola. Temugezanga ne mukissa ku Katonda mbu ye yakikola. Ekyo Katonda takikolangako. Katonda ye yagamba nti, "Buli kimu kizaale ekikifaanana." Yee, ssebo. Naye ennyumbu eba a—a. . .

taata waayo yali ndogoyi so nga maama waayo yali mbalaasi, kati temanyi gy'egwa. E—e—ebeerawo nga mbalaasi egezaako okuba ennyumbu, oba ennyumbu. . .manya—manya ebeera mbalaasi egezaako okuba endogoyi, oba endogoyi egezaako okuba embalaasi. Ebeera temanyi gy'egwa. Era ennyumbu eyo kye kintu ekisingayo okuba eky'emputtu mu nsi yonna. Tosobola kugyesiga n'akatono.

71 N'abantu bangi mu kkanisa bwe batyo bwe bali. Tebamanyi kitaabwe y'ani, tebamanyi nnyabwe y'ani. Bamanyi kimu kyokka, mbu Bapulesibeteriyani, Bamesodisiti, Babaputisiti, oba Bapentekoote, oba ekintu bwe kityo. Gye baava tebamanyiiyo. Endogoyi ey'emputtu, osobola okugiwogganira ennyo nga bw'osobola, naye n'eyimirira buyimirizi awo n'emagalaza amatu gaayo ago amanene, n'etunula butunuzi. Osobola okumala ekiro kyonna nga obabuulira, naye ne bafuluma nga tebalina kya njawulo kibongeddwako kyawukana ku ekyo kye bazze bamanyi. Kati, ekyo bwe kityo bwe kiri. Ssigezaako kubeera mukambwe, wabula njagala kubabuulira Mazima.

72 Naye waliwo ekintu kimu kye bamanyi okukola obulungi, bakozi balungi. Ha, babeera mu kukola, na kukola, na kukola, na kukola. Ekyo kinzijukiza Abaluminiyani bano bulijjo ababeera bagezaako okukolerera okuyingira mu Ggulu. Bwe kiri, nnyumbu. Ha, babeera n'ebibiina nga ekya Ladies Aid Society, n'obubaga, kwe bagabulira enkoko, okusobola okusasula omubuulizi. "Tukyalina n'okukategeka akabaga kano, n'omukolo guno." Babeera mu kukola, kukola, kukola, kukola, kukola, kukola, kukola. Naye, nga ddala, kiki kye bakolerera?

73 Babuuze nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

74 Bamagalaza bumagalaza matu, nga tebamanyi wa gye bagwa ne bakubuuza, "Kiki ky'otegeeza? Ate *bino* byonna? Otegeeza ki bw'ogamba, Omwoyo Omutukuvu? Nze ssimuwuliranganako. O, wandiba nga oli muzoole." Okiraba, babeera tebamanyi kitaabwe y'ani, k'abeere, nnyabwe. Era kiba kikwetaagisa kusooka kuzikuba bukubi mu buli kimu ky'okola, *wano* n'okuba ne *wali* n'okuba, ne *wano* n'okuba ne *wali* era n'okuba. Bwe kiri, ennyumbu bw'etyo bw'eba.

75 Naye, nkukakasa, ekyo teweetaaga kukikola mbalaasi yennyini nnakabala. Yo ogiweweenyulamu omulundi gumu guti, era, ow'oluganda, eba yasimbudde dda. Eky'okukola ebeera ekimanyi. Ha, nga kinyuma okuvuga embalaasi eri yennyini nnakabala! Nga kinyuma okugigamba nti, "Simbula, muvubuka." Ha, musajja munnange, ojjukira okwenyweza, kubanga amatandiiko eba ejja kugakasuka mu bbanga.

76 Bwe kityo bwe kiri ku Bakristaayo bennyini nnakabala. Aleeruuya! "Mufune Omwoyo Omutukuvu. Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi byammwe." Basimbulirawo, ne badduka mangu ne beesogga amazzi, bagenderawo. Tebasobola kuwummula emisana n'ekiro okutuusa nga bafunye Omwoyo Omutukuvu. Lwaki? Omanyi, Omukristaayo aba amanyi Kitaawe y'ani. Olaba, omuntu okuzaalibwa kyetaagisa abantu babiri. Bwe kiri, taata ne maama. Kati yo ennyumbu eba temanyi ani kitaawe waayo, oba ani maama waayo. Naye ffe Kitaffe ne Nnyaffe tubamanyi, kubanga twazaalibwa Kigambo kya Katonda ekiwandiike, ne tukakasibwa Omwoyo. Peetero yagamba, ku lunaku lwa Pentekoote nti, "Bwe muneenenya ne mubatizibwa, buli omu ku mmwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi byammwe, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu."

77 Era, ow'oluganda, Omukristaayo yennyini eyazaalibwa ogw'okubiri, (ha, bannange) omwoyo gwe, olufuna Ekigambo bw'ati, n'afuna Omwoyo Omutukuvu. Ggwe kati awo baako ne ky'omubuuza! Aba amanyi w'ayimiridde. "Okkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda?"

"Amiina!"

"Okkiririza mu Kujja Okw'okubiri?"

"Amiina!"

78 Naye ekyo kibuuze ennyumbu. Eddiini y'ennyumbu, "Uh, wabula ssimanyi. Kubanga Dokita Jones lumu yagamba . . . " Huh! Baabo, bagoberera bugoberezi Sawulo. Olaba? "Ha, tebamanyi. Naye, eky'amazima, ekkanisa yange Ekyo nayo tekyekakasa."

79 Ha, ow'oluganda, naye omusajja n'omukazi abaazalibwa ogw'okubiri bo okujja kwa Mukama waffe Yesu babeera bakwekakasa, babeera bakakafu ddala nti balina Omwoyo Omutukuvu nga bwe bali abakakafu nti waliwo Omwoyo Omukutukuvu alina okuweebwa.

80 Kati, Yesu yagamba . . . Omukazi eyali ku luzzi yamugamba nti, "Ffe ku lusozi luno kwe tusinziza, ate bo Abayudaaya basinziza Yerusaalemi."

81 Ye n'amugamba nti, "Nnyabo, wuliriza Ebigambo Byange! Ekiseera kijja, era kituuse, nga Kitaffe anoonya abo abanaamusinziza mu Mwoyo ne mu Mazima."

82 "Ekigambo Kyo ge Mazima." Era buli muntu anaasoma Bayibuli n'akkiriza buli kigambo Bayibuli ky'egamba, n'agoberera n'ebiragiro bya Yo, n'afuna Omwoyo Omutukuvu y'omu gwe baafuna, mu ngeri y'emu nga bwe baamufuna, n'ayoleka ebivaamu bye bimu bye baayolesa bwe baamufuna, n'afuna amaanyi ge gamu ge baafuna bwe baamufuna,

omuntu oyo aba amanyi Kitaawe ne Nnyina. Aba akimanyi nti yanaazibwa mu Musaayi gwa Yesu Kristo, yazaalibwa Omwoyo, yajjuzibwa amaanyi ga Katonda. Aba amanyi w'ayimiridde. Ddala! Aba mu Kanani. Aba amanyi gye yava. Bw'atyo Omukristaayo yennyini owa nnamaddala bw'aba. Ggwe mubuuze nti, "Wali ofunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde okkiriza?"

"Amiina, Ow'oluganda!"

83 Luli nnali nnyimiridde ne nnamukadde omutukuvu omukyala, wa myaka kyenda mu ebiri, nga njogera n'omusumba we ow'emyaka ekinaana, ne ŋŋamba nti, "Jjajja?"

N'essanyu eringi, n'anziramu nti, "Wanji, mutabani."

84 Ne mmubuuza nti, "Wayiseewo bbanga ki kasookedde ofuna Omwoyo Omutukuvu?"

N'aŋŋamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Waakayitawo emyaka nga nkaaga kasookedde mmufuna."

85 Kati, ssinga yali nnyumbu, yandiŋŋambye nti, "Kati, sooka olindeko katono, nnateekebwako emikono ne mmansirwako n'amazzi bwe nnali. . . Ekyo, nkijjukira bulungi, era bantwala ne mu kkanisa ne mpaayo ebbaluwa yange ewa *gundi*." Ha, nsaasira! Babeera tebamanyi na we bagwa.

86 Naye ye amanyi obusika bwe gye buva. Yaliwo we kyabeererawo. Yazaalibwa amazzi n'Omwoyo. Yakimanya, wamu n'amazzi okuyita mu kunaazibwa n'amazzi ag'Ekigambo, akkiriza Ekigambo.

87 Kati weetegereze kino b'akiwandiikira, "Eri abali mu Kristo Yesu." Pawulo, kaakati, mujjukire. . . Nkozesezza ekiseera kiwanvu, naye eno essuula sijja kugimaliriza. Naye ŋŋenda kwanguwako. . . Mukyagala? O, Kitutegeeza wa we tuli, naye tetusobola kukikolera mu kawungeezi kamu kokka. Twetaaga omwezi nga gumu oba ebiri nga tuli ku kino, buli kawungeezi, nga tukikwatako, Kigambo ku Kigambo. Nga bwe tuddayokko mu byafaayo ne tukirambululira ddala, Kigambo ku Kigambo, okugalaga nti ge Mazima. Kati mangu nnyo leka nziremu nsome olunyiriri olwo.

> *Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda* (si olw'okwagala kw'omuntu), *eri abatukuvu abali mu Efeso, n'eri* (akagambo akagatta) *abakkiriza mu Kristo Yesu:*

88 Kitegeeza nti, "Baayitibwayo, ne baawulibwa, era nga kati baabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, era bali mu Kristo Yesu. Ebbaluwa eno mmwe be ngiwandiikira, mmwe abaagalwa bange." Ha! Ndowooza ku Pawulo nga ali wamu nabo emitala eri mu kaseera kano, ha nga bajjudde essanyu! Musajja wattu oyo omutume gwe baatemako omutwe emmanga eri. Nnali nnyimiriddeko mu kifo ekyo kyennyini we baamutemerako

omutwe. Naye, ha, omutwe gwe kweguli ku mubiri ogwo omupya, era teguyinza kuddamu kutemebwako. Era ayimiridde eyo nabo mu ddakiika eno yennyini, omutume y'omu eyawandiika Bino. N'agamba nti, "Eri mmwe abali mu Kristo Yesu! Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri guno gumu." Kaakati mwekkaanye.

Ekisa kibeerenga gye muli *n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe, ne . . . Mukama waffe Yesu Kristo.*

Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, atuwadde *buli mukisa gwonna . . .*

Ha, ekyo okiwulidde, Charlie?

. . . atuwadde *buli mukisa gwonna ogw'Omwoyo . . .*

89 Si mbu egimu yagiwa batume, ate emirala n'agiwa *bano*, wabula Yatuwa emikisa gyonna egy'omwoyo. Omwoyo Omutukuvu y'omu eyakka Ku Lunaku lwa Pentekoote ye Mwoyo Omutukuvu y'omu ali wano akawungeezi kano. Omwoyo Omutukuvu y'omu eyaleetera Malyamu okuleekana n'okwogera mu nnimi, n'aba n'ekiseera ekirungi n'ajaguza, wamu n'ebintu byonna bye yakola, ye Mwoyo Omutukuvu y'omu ali wano akawungeezi kano. Omwoyo Omutukuvu y'omu eyaluŋŋamya Pawulo bwe yali ku lyato liri, eryatuuka n'okubooga amazzi n'okubula ne libula, ne bamala ennaku kkumi na nnya emisana n'ekiro, nga tebalaba ku mwezi wadde emmunyeenye. Bwe yatunula mu buziba bw'ennyanja nga buli wamu wonna alaba nga buli jjengo eririko omuzimu, oguswakidde, ogweswanta ogugamba nti, "Ku luno, ŋŋenda kukubbiza mu nnyanja, muvubuka. Leero nkulina."

90 Naye Pawulo bwe yafukamira okusabako, Malayika n'ayimirira awo, n'amugamba nti, "Totya, Pawulo. Lino eryato waliwo akazinga kwe ligenda okubetentekera. Weeriire ekyeggulo kyo, mu kaseera kano tewali mutawaana gwonna."

91 N'avaayo n'enjegere ku mikono gye bambi, nga bwe yeewalula n'ezo ezaali ku bigere bye, n'agamba nti, "Mugume omwoyo, basajja mmwe, kubanga Katonda, Malayika wa Katonda, gwe mpeereza, yayimiridde nange n'aŋŋamba nti, 'Pawulo, totya.'" Omwoyo Omutukuvu y'omu oyo ali wano akawungeezi kano, Omwoyo wa Katonda y'omu, okuweereza gye tuli emikisa egy'omwoyo gye gimu.

. . . *eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu . . .*

92 Ha, leka tusooke tuyimiriremukko katono wano. "Mu bifo eby'omu Ggulu." Kati, si buli wamu wonna, wabula mu bifo eby'omu Ggulu. Tukuŋŋaanidde mu "Ggulu," ekyo kitegeeza ekifo ky'omukkiriza. Nti, bwe mba nsabye ne nzijula, nga naawe osabye n'ojjula, nga n'ekkanisa esabye n'ejjula, nga fenna twetegese okuwulira Obubaka, era nga tukuŋŋaanye

wamu nga abatukuvu, abaayitibwayo, abaabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, abajjudde emikisa gya Katonda, nga twayitibwa, twalondebwa, nga kaakano tutudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu, mu mmeeme zaffe tuba mu mbeera ya mu Ggulu. Emyoyo gyaffe gibeera gituleese mu mbeera ey'omu Ggulu. Ha, ow'oluganda! Kiikyo, Embeera ey'omu Ggulu! O, kiki ekiyinza okubaawo akawungeezi ka leero, kiki ekiyinza okubaawo akawungeezi kano ssinga tuba tutudde wano nga tuli mu mbeera ey'omu Ggulu, nga Omwoyo Omutukuvu bw'agenda atambula nga akoma ku buli mutima ogwazzibwa obuggya ne gufuulibwa ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu? Nga ebibi byonna biri wansi wa Musaayi, nga tuli mu kusinza okutuukiridde, nga emikono gyaffe tugiyimusizza eri Katonda nga n'emitima gyaffe tugiyimusizza, nga tutudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu, nga tusinziza wamu mu bifo eby'omu Ggulu.

93 Wali otuddeko mu kimu ku bifo ebyo? Ha, mbibaddemu ne ntuuka ne nkaaba olw'essanyu ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, toŋŋanya kuva wano." Ebifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu!

94 Atuwa mikisa ki? Okuwonyezebwa kw'Obwakatonda, okumanya ebintu nga tebinnabaawo, okubikkulirwa, okwolesebwa, amaanyi ag'enjawulo, okwogera mu nnimi, okuzivvuunula, amagezi, okumanya, emikisa gyonna egy'omu Ggulu, wamu n'essanyu eritayogerekeka erijjudde Ekitiibwa, nga buli mutima gujjudde Omwoyo, nga tutambulira wamu, tutudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu, nga tewali yadde ekirowoozo ekikyamu n'ekimu mu makkati gaffe, tewali munwe gwa ssigala n'ogumu, tewali kateeteeyi kampi n'akamu, tewaliiwo *kino, ekyo* oba *kiri,* tewali kirowoozo kibi kyonna, tewali n'omu alina nsonga ku munne, nga buli omu ky'ayogera akyogeza mukwano na kwagala, nga fenna tuli mu mwoyo omu mu kifo kimu, "olwo amangu ago ne wajja okuva mu Ggulu okuwuuma nga empewo ey'amaanyi." Kiikyo, "Yatuwa emikisa gyonna egy'omwoyo."

95 Kati awo Omwoyo Omutukuvu asobola okukka ku muntu, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Genda mu kifo bwe kiti okole ekintu bwe kiti." Mukyetegereze mulabe bwe kibeererawo ddala *bwe kityo* nga bwe kiba kyogeddwa. [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'olugalo lwe—Omuk.] Mukiraba? "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukole ekintu bwe kiti mu kifo bwe kiti." Mukyetegereze mulabe bwe kibeererawo ddala *bwe kityo* nga bwe kiba kyogeddwa. [Ow'oluganda Branham akuba entoli.]

96 "Eyatuwa emikisa mu bifo eby'omu Ggulu." Mwetegereze!

Nga bwe yatulonda . . .

97 Ffe twamulonda, oba ye Yatulonda? Ye yatulonda. Yatulonda ddi? Akawungeezi kali lwe twamukkiriza? Yatulonda!

Nga bwe yatulondera mu Ye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu . . . abatalina kabi mu maaso Ge mu . . . (bibiina by'amadiini?) . . . *mu kwagala:*

98 Katonda yatulonda ddi? Katonda yakulonda ddi ggwe alina Omwoyo Omutukuvu? Yakulonda ddi? Ensi bwe yali tennatondebwa. Olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, Yakulaba era n'akumanya nti olimwagala. Era ensi bwe yali tennaba kutondebwa, Yakulonda, era n'atuma Yesu ajje Abeere omutango ku lw'ebibi byo, okukuyitayo osobole okutabaganyizibwa, okudda gy'Ali, eri okwagala. Ha, ssinga tubaddeyo n'eddakiika endala nga ziizo.

99 Leka, nsooke nzireyokko emabega, nga tetunneeyongerayo, Olubereberye 1:26. Ekyo nja kukyongerezaako ku Lwokusatu. Katonda bwe yakola omuntu . . . Bwe Yali tannakola muntu, Yali Yeeyita "El," E-l, El; E-l-h, "Elah," "Elohim." Ekigambo ekyo mu Lwebbulaniya kitegeeza, "eyeebeezaawo," ku Bubwe. Tewaali kyamusooka kubaawo, Ye yekka eyaliwo, nga Abeerawo ku Bubwe! El, Elah, Elohim kitegeeza "Oyo eyeemalirira mu byonna, alina amaanyi gonna, Ayinza byonna, Oyo eyeebeezaawo." Ha!

100 Naye mu Lubereberye 2, bwe Yakola omuntu, Yagamba nti, "Ndi," Y-a-h-u, J-u-v-u-h, *Yawe*, "Yakuwa." Kyali kitegeeza ki? "Ndi Oyo abeerawo yekka atonze ekintu okuva mu Nze, kibeere omwana Wange, oba kibeere ekyo ekibeerawo akaseera, oba ekitonoko, ekivudde mu Nze." Kitiibwa! Lwaki? Yawa omuntu . . . *Yakuwa* kitegeeza nti "Yawa omuntu okuba katonda omutono." Kubanga ye ye Katonda Kitaffe, kati akoze omuntu n'amufuula katonda omutono, n'olwekyo takyabeerawo yekka, kati Abeerawo n'ab'omu nnyumba Ye. Elah, Elah, Elohim. Kaakati, kati ye Yakuwa. *Yakuwa*, ekitegeeza nti, "Oyo abeerawo n'ab'omu nnyumba Ye." Kati, Katonda yakola omuntu okuba nga y'afuga ensi yonna, omuntu ensi y'agirinako obuyinza. Era ensi lyali ttwaale lya muntu. Ekyo kiri mu Byawandiikibwa? Kitegeeza eryo bwe liba nga lye ttwaale lye, yali katonda ku nsi. Yali asobola okwogera, ne kiba. Yali asobola okwogera *kino,* ne kibeerawo. Ha! Wuuyo, Katonda, Yakuwa, Oyo lumu Eyabeerangawo ku bubwe yekka, naye kati nga Abeerawo n'ab'omu nnyumba Ye, n'abaana Be wamu naye. Kiikyo.

101 Kati, ekyo mukisome. Tujja kukikwatako ku Lw'okusatu akawungeezi, nga tulina obudde obumala. Tusigazzaayo eddakiika nga kkumi na ttaano tu . . . Nnabaddde ndowooza nnaabaako wano we ntuuka, naye tetujja kusobola kutuukawo, awo we tussibwako akabonero k'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa. Kale.

102 Kati, twayitibwa ddi okubeera abaweereza ba Katonda? Orman Neville yayitibwa ddi okuba omuweereza wa Katonda? Ha, bannange! Kino kisusse okutegeera kwange. Ŋŋenda kubabuulira, muleke tufuneyokko ku Byawandiikibwa. Njagala obikkule Peetero Ekisooka 1:20. Ate, Pat, bikkula Okubikkulirwa 17:8. Nze ka mbikkule Okubikkulirwa 13. Kati wano twagala tuwulirize bulungi, oyagala okumanya ddi Katonda lwe yakuyita okuba Omukristaayo. O, kino nkyagala. Kino nti, "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Kale, Ow'oluganda Neville, Peetero Ekisooka 1:20 ofunyeewo. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "1:20."—Omuk.] Kale, soma 1:19 n'e 1:20. Muwulirize kino. ["1:19 ne 20."] Weewaawo.

> [*Wabula n'Omusaayi ogw'omuwendo omungi, nga ogw'Omwana gw'Endiga ogutaaliko bulema newankubadde ebbala, ye Kristo:*]
>
> [*Eyategeerebwa edda ensi nga tezinnatondebwa, naye n'alabisibwa ku nkomerero y'ebiro ku lwammwe.*]

103 Yayawulibwa ddi? Nga ensi tennatondebwa. Ow'oluganda Pat, nsomera Okubikkulirwa 17:8.

> [*Ensolo gye walabye yaliwo, era nga tekyaliwo; era egenda okuva mu bunnya obutakoma, n'okugenda mu kubula: N'abo abatuula ku nsi balyewuunya, abataawandiikibwa linnya lyabwe mu kitabo ky'obulamu kasookedde nsi eteekebwawo, bwe baliraba ensolo nga yaliwo, era nga tekyaliwo, ate erijja.*]

104 Ani agenda okulimbibwa? Ani agenda okulimbibwa munnaddini ono nga Sawulo bwe yalimbibwa? Munnaddini ono omukalabakalaba ennyo alituuka n'okulimba b'ani? Bennyini Aba-. . . [Ekibiina kiddamu nti, "Abalonde."—Omuk.] ssinga. . . ["kyali kiyinzika."] ssinga kyali kiyinzika. Kale, Okubikkulirwa 13:8, muleke nkibasomere:

> *Era bonna abatuula mu nsi bali. . . bonna abatuula mu nsi baligisinza, buli ataawandiikibwa linnya lye mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga eyattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi.*

105 Amannya gaffe gaateekebwa ddi mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga? Omwana gw'endiga bwe gwattibwa nga ensi tennatondebwa. Katonda bwe Yali Yakuwa, El, Elah, Elohim, Oyo eyeebezaawo yekka. Nga ali nga Alimansi emu ennene, naye nga tasobola kubeera kintu kirala kyonna, wabula munda mu Alimansi eno obusobozi Bwe obw'enjawulo obwamulimu yali Mulokozi. Mu busobozi obwo obw'enjawulo, obwamulimu, mwalimu okuba Omuwonya. Naye, tewaali kintu kyonna kya kulokola era nga tewali kintu kyonna kya kuwonya, naye obusobozi Bwe obwamulimu bwabireetera okulabisibwa. Kale nno, ensi bwe yali tennatondebwa, bwe

Yakimanya, nti bw'Alirabisibwa mu ngeri eno ey'ekitalo emulimu, nti Aliba Mulokozi, era Alijja n'ayambala omubiri n'abeera naffe, n'Akimanya n'okukimanya nti olw'emiggo Gye tuliwonyezebwa, Yattira Omwana gw'Endiga ku Kitabo Kye nga ensi tennatondebwa, erinnya lyo n'aliwandiika mu Kitabo ekyo nga n'ensi tennatondebwa. Ha!

106 Muwulirize kino! Okuteekerwateekerwa kutunula emabega ku kumanyibwaawo nga tonnabaawo, manya okulondebwa. Okulondebwa kujuliza okumanyibwaawo nga tonnabaawo, ate okuteekerwateekerwa kujuliza eyo gy'olikomekkerereza. Ekyo temukyerabira, nti okulondebwa kutunula emabega wano, kiri bwe kiti, "Nnali kikwatandiga. Nnazaalibwa mu kibi, ne nkulira mu bujeemu, okujja mu nsi nnajja njogera bulimba, nnazaalibwa mu boonoonyi. Kitange ne mmange n'ab'ewaffe bonna, baali boonoonyi. Nnali kikwatandiga. Naye, amangu ago, ate ne nfuuka empeke y'eŋŋaano. Kyabaawo kitya?" Ekyo, kye kiki ekyo? Kulondebwa. Katonda, nga ensi tennatondebwa, yalonda nti ekikwatandiga kirifuuka empeke y'eŋŋaano. "Kaakati mmanyi nti ndi mpeke ya ŋŋaano, kubanga nnalokoka. Nkimanya ntya?" Ntunula emabega ne nkiraba nti Yakiteekateeka kibe bwe kityo, edda ennyo. Olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo Yandaba nga ndimwagala, kye Yava Anteerawo omutango okuyita mu Mwana We Yennyini, kibeere nti okuyita mu Ye nsobole okukyusibwa okuva mu kubeera ekikwatandiga nfuuke empeke y'eŋŋaano. "Kati, ndi wa kati?" Nnalokoka, ntambulira mu kisa kya Katonda. "Okuteekerwateekerwa kusonga ku ki?" Ku gye bikomekkerereza. "Alintwala wa, era ndaga wa?" Amiina. Obwo bwe bukakafu bwo. Kiikyo.

107 Kati muleke tweyongerekko katono tusome, bwe tumala tulyoke tumalirize mu kaseera katono ddala.

> *Nga bwe . . . Yatulondera mu ye nga ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu . . . abatalina kabi mu maaso Ge mu kwagala;*
>
> *Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana, yatwawula* okumufuukira *abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala kwe,*

108 Yakola ki? Ye, olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo, yatulaba nga tetunnabaawo, nga Akimanyi nti yali Mulokozi, eyebeezaawo yekka. Tewaali Bamalayika, tewaali kintu kirala kyonna; wabula Katonda yekka, Elah, Elohim, abeerawo yekka ku Bubwe, tewaali kintu kirala kyonna okuggyako Ye yekka. Wabula mu Ye yali Mulokozi. Naye, nga Agenda kulokola ki, tewaali kintu kyonna kyali kibuze? Ekyo bwe yakimanya, n'Akitegeera nti obusobozi buno obw'ekitalo obumulimu bwali bwa kubaako ekintu kye buggyayo kirabisibwe ekyo ky'Asobola okulokola. Kati ekyo bwe kyakolebwa, okuyita mu

kumanyirawo Yatunula wansi wano n'Alaba buli omu yenna Ekyo alikikkiriza. Era mu kukola ekyo, n'Agamba nti, "Abo okusobola okubalokola, engeri yokka gye Nsobola okukikolamu, eriba ya kukka Nze kennyini nnyambale omubiri nkwate ekibi ky'omuntu nkiteeke ku Ye, afe ku lulwe, nsobole okubeera nga Nze asinzibwa," kubanga ye Katonda, ekintu ekisinzibwa.

109 Bw'atyo n'Akka wansi era n'Akyetikka. Era ekyo bwe Yakikola, Yakikola Asobole okukulokola ggwe ayagala okulokolebwa. Mulaba kye ntegeeza? Olw'okumanyirawo, Katonda ataliiko kkomo, Eyamanya ebintu byonna, yalaba Omwana gw'endiga, era n'Atta Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa, n'Ateeka erinnya lyo mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Yalaba obulimba bwa Ssetaani, n'alaba ky'alikola. Kye Yava erinnya lyo aliteekamu. Era n'Agamba nti omulabe wa Kristo aliba munnaddiini nnyo, nga mulungi nnyo, muyitirivu obulungi, nga musajja wa magezi mangi, nga musajja munnaddiini nnyo, okutuusa nti alirimba n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka. Naye tekisoboka, kubanga amannya gaabwe gaayawulibwa dda nga n'ensi tennatondebwa. Olw'okulonda Yabalonda, era olw'okuteekerwateekerwa bamanyi gye balaga. Kiikyo.

110 Kaakati, ekyo ani ayinza okukibuusabuusa? Ky'ekyo Pawulo kye yagamba. Ekyo Kyawandiikibwa kya Pawulo. Ky'ekyo Pawulo kye yawandiika. Ky'ekyo kye yayigiriza ekkanisa ye. Nga ateeka ekkanisa, mu kifo kyayo, mwe yateekebwa nga ensi tennabaawo. Katonda, bwe Yali alumwa ebisa, nga azaala, nga akuzaala, nga Amanyi bulungi kiki ky'olikola, Alina ekifo kye yakuteekamu mu Mubiri Gwe, okubeera omukyala mu maka, okubeera omulimi, okubeera omubuulizi, okubeera nnabbi, okubeera *kino* oba *kiri.* Alina ekifo mwe yakuteeka. Kati bwe tuva mu nsi ya katunguluccumu w'e Misiri, ne tuyita mu kutukuzibwa, ne tubatizibwa okuyingira mu nsi ensuubize. . . Kubanga, ekisuubizo kya Katonda gwe Mwoyo Omutukuvu. Abaefeso 4:30 wagamba nti, "Temunakuwazanga Omwoyo Mutukuvu wa Katonda eyabateekebwako nga akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Kati Katonda, bwe yamala okuteekerateekera ekkanisa, Yagamba nti, "Era abantu bonna, walibaawo obukadde n'obukadde abaliba bannaddiini ennyo wabula balirimbibwa." Abo bokka abatalirimbibwa beebo abaliba baayingira mu nsi ensuubize, abo bannannyini mannya agawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa, abaayingira mu nsi ensuubize era abagyeyagaliramu.

111 Abantu bangi batya mbu bajja kwejeeguula. Abantu bangi batya mbu Omwoyo Omutukuvu ajja kubaaleetera okubaako kye bakola eki—ekinaabaswaza mu bantu. Abantu bangi batya mbu bajja kukaaba, abaagalwa baabwe babalabe nga bakaaba,

oba mbu maama, oba muliraanwa wo, oba mukama wo ajja kukulaba.

112 Ka mbeeko omusajja gwe mbanyumizaako, nga ssinnamaliriza. Waaliwo omusajja eyali ayitibwa Dawudi, era lumu essanduuko ya Katonda eyali yatwalibwa nga eri eyo mu nsi y'Abafirisuuti, bwe yali ekomezebwawo, nga esikibwa essanduuko, nga ente zigisika mwe yali, Dawudi olwalaba ku ssanduuko eyo nga ereetebwa, yalina akambalo ke yali ayambadde, n'adduka n'afuluma ebweru, n'abuukabuuka mu bbanga, n'abuukabuuka ne yeetooloola, n'aleekaana n'abuukabuuka, n'azina amazina n'abuuka n'azina ne yeekunkumula. Nga ate ye yali kabaka wa Isiraeri! Mukyala we bwe yayisa amaaso mu ddirisa n'amulengera nga yeejeeguula, n'amunyooma. Muli, ateekwa okuba yagamba nti, "Laba omusirusiru ono! Mazima laba, bye yeekola, laba bw'abuukabuuka, eno bwe yeetooloola bwe yeekunkumula. Ddala, yandiba nga agudde eddalu!" Era ekiro ekyo bwe yadda eka, alabika yamugamba, mu bigambo nga bino, "Naye ddala lwaki, onswazizza. Ddala, ggwe kabaka omulamba, omwami wange, kiki ekyabadde kikwejeeguuza otyo, wenna ne weekunkumula otyo!"

113 Dawudi n'amugamba nti, "Kati nno enkya nja kusingako awo. Yee, ssebo!" N'amubuuza nti, "Ggwe tokimanyi nti nnabadde nzinira Mukama?" Yali asomose! Nga ali mu nsi eyasuubizibwa. Enneeyisa ye n'empitambi y'ensi byonna nga takyabirina. Yasanyuka nnyo okukitegeera nti essanduuko yali ejja mu kibuga kye.

114 Naye, ha, mbabuulira, abantu abamu batya okufuna Omwoyo Omtukuvu, batya mbu baba bayinza okwogera mu nnimi. Batya mbu wayinza okubaawo agamba mbu, "Kati nno, oyo naye y'omu ku bali aboogera mu nnimi." Batya okujja mu kkanisa babatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, kubanga Libakwasa ensonyi. Uh! O!

115 Waliwo eyaŋŋamba mbu nnina okukuŋŋaanya entambi zange zikomezebwewo, olw'okuba nnali mbuulidde nga bwe nnabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Ssigenda kuzikuŋŋaanya kuzikomyawo. Wabula ŋŋenda kweyongera kukola ndala! Bwe kiri, mu ekyo, ŋŋenda kweyongera kukola ndala! Eyo ye Bayibuli. Bye twakoze eggulo bwe baba tebaabyagadde, bagambe balinde balabe bye tunaakola enkya! Ekyo kye kirina okukolebwa, olaba, ggwe genda bugenzi mu maaso. Tekigenda kukoma, kubanga kya Mukama. Oyo Katonda.

116 Mumanyi Katonda kye yakola? Katonda yatunula wansi nga asinziira mu Ggulu, n'Agamba nti, "Dawudi, oli musajja alina Omutima nga Ogwange Gwennyini." Dawudi teyakwatibwa nsonyi. Yali muweereza wa Mukama. Yali ayagala Mukama.

Era yasanyuka nnyo ekyensusso, nga essanyu lijula kumutta, okutuusa okuba nti teyalowooza na ku kitiibwa kya buntu.

117 Mulaba, nga bwe nnagambye mu kuyigiriza kwange ku makya ga leero, tutya nnyo, ne tutuuka okuba nti, twagala wabeewo Sawulo y'aba atuyigiriza, twagala wabeewo Sawulo okuva mu ttendekero ly'eby'eddiini y'aba atuyigiriza bwe tulina okutuukirizaamu eddiini yaffe, na ngeri ki gye tulina okugikolamu. Ebyo biri ku luuyi eri emitala wa Yoludaani. Eno ku ludda luno, Omwoyo Omutukuvu y'akukulembera. Ku ludda luno eyo empitambi obeera ogivuddemu. Ku ludda luno obeera tokyafaayo ku bya banaalowooza batya. Ku ludda luno obeera oli mufu, nga n'obulamu bwo bukwekeddwa mu Kristo okuyita. . . era nga osibiddwaako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu. Obeera tokyefiirayo. Weebeerera mu Kanani. Nga osobola okumeketa emberenge ya kasooli. Obeera kitonde kiggya mu Kristo Yesu. Oyolekedde nsi ensuubize.

118 Nzijukira lwe nnali nga nnyimiridde emitala, Ow'oluganda Collins, emyaka nga amakumi asatu egiyise, ekkanisa eno bwe yali tennazimbibwa. Wano waaliwo ka weema akatono ke kaali erudda wano eno, mu lukuŋŋaana lwange olwasooka. Nnali mbuulira Enjiri y'emu eno, kintu kye kimu, obuziba bw'obugagga bwa Kristo obutenkanika, okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, nga nzikiriza buli Kigambo okuba nti ge Mazima, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, amaanyi ga Katonda, nga era bwe nkibuulira kati, siseeseetukangako yadde yinci emu bw'eti okukivaako Ekyo. Katonda yeeyongedde okukimbikkulira, kale, gye Yeeyongera okukibikkula, nange ŋŋenda mu maaso na kukibuulira. Tatoolako ku ekyo ekiba kibaddewo, wabula Akyongerako bwongenzi.

119 Nnali nnyimiridde emmanga eri mu kaseera ako waaliwo abantu nga ebikumi bitaano abaali bayimiridde ku mabbali g'omugga, nga bayimba nti, "Nnyimiridde ku mabbali ga Yoludaani okujjudde amayengo, nnengera emitala eri, ensi ya Kanani ennungi era ey'essanyu, awali obusika bwange. Ndituuka ddi ku lubalama olwo awali obulamu obulungi mpeebwe omukisa emirembe n'emirembe, ndituuka ddi mu. . . gya Kitange mpummule emirembe n'emirembe?" Bwe baatandika bati okuluyimba, nnalina omuvubuka gwe nnali naye mu mugga gwe nnali ŋŋenda okubatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Ne ŋŋamba nti, "Kitaffe Ow'omuggulu, nga ndeeta omuvubuka ono gy'Oli okusinziira ku kwatula kwe. . . " Nange kennyini, nnali nkyali kavubuka kato, ebifaananyi ebyo mbirina eka. Ne ŋŋamba nti, "Nga bwe mmubatiza n'amazzi, ayi Mukama, okusinziira ku kwatula kwe, mu Linnya lya Yesu Kristo Omwana wa Katonda, Ggwe mujjuze n'Omwoyo Omutukuvu." Mu kaseera ako ne wajja Ekintu nga kiwuuma, ne Kikka wansi nga kyebonga, Emmunyeenye Eyaka

ey'Enkya n'eyimirira awo. Ekitangaala ekyo kye mulaba awo mu kifaananyi ne kijja kiyimirira awo. Ne Kiyimirira awo.

120 Ne kyogerwako wonna mu nsi, engulu eri mu Canada na buli wamu wonna. Ne bagamba nti, "Ekitangaala ekitategeerekeka, kyalabikidde ku mubuulizi Omubaputisiti nga abatiza."

121 Ennaku ntono nnyo gye buvuddeko, Dokita Lamsa bwe yajja gyendi, nga kiri talina na ky'akimanyiiiko yadde, n'andeetera ekifaananyi, ow'oluganda ky'alina wali mu kaseera kano. Ekifaananyi ekyo okirina? Bayibuli eyo ogirina, mwe kiri, kiri mu kitabo kyo? Kale. Mwalimu ekifaananyi ky'akabonero ka Katonda ak'edda ennyo ak'Abaebbulaniya, kali kennyini akaaliwo mu biro bya Yobu, Bayibuli bwe yali tennawandiikibwa. Katonda mu nneeyoleka za ngeri ssatu, si bakatonda basatu. Katonda omu mu nneeyoleka za ngeri ssatu: Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, woofiisi ssatu Katonda ze yakoleramu. Si bakatonda basatu, wabula enneeyoleka za ngeri ssatu! Nga kye Kiikyo. Omusajja oyo ow'ekitalo, Dokita Lamsa, eyafulumya enzivuunula ya Bayibuli eya Lamsa, ku olwo ku makya yaŋŋamba . . . Ekyo bwe nnakimugamba, nnamubuuza—nnamubuuza nti, "Akabonero ako kalaga ki?"

122 N'agamba nti, "Ako kabonero ka dda nnyo akalaga Katonda, ak'Abaebbulaniya. Katonda, Katonda omu mu nneeyoleka za ngeri ssatu."

Ne mmugamba nti, "Nga Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu?"

123 Ne yeesikamu, n'assa wansi ekikopo kye ekya kaawa, n'antunuulira. Gene, nzikiriza waliwo, ne Leo. N'ambuuza nti, "Ekyo okikkiriza?"

Ne mmugamba nti, "N'omutima gwange gwonna."

124 N'aŋŋamba nti, "Ekiro kya jjo, bwe nnabadde mu lukuŋŋaana lwo, Ow'oluganda Branham, nnalabye okwawula emyoyo okwo. Mbadde sikirabangako mu Amerika, mu nsi yange." N'agamba nti, "Bano Abamerika ne Bayibuli tebagimanyi. Bamanyi kimu kyokka madiini gaabwe. Tebamanyi na we bayimiridde." N'agamba nti, "Tebalina kye bamanyi." N'agamba nti, "Naye bwe nnayimiridde awo ekiro kya jjo," n'agamba nti, "Nnagambye . . ." Kati, Ow'oluganda Gene, kino nkyogera n'okwagala wamu n'okussaamu ekitiibwa okungi ennyo. N'agamba nti, "Nnagambye nti, 'Oyo ateekwa okuba nga nnabbi.' Naye ke ndabye nti okkiriza nti Kitaffe, Mwana n'Omwoyo Omutukuvu si bakatonda basatu, wabula nneeyoleka ez'engeri ez'enjawulo, kati mmanyi nga oli nnabbi wa Katonda, kubanga ekyo tewali ngeri gye kyandikubikkuliddwa bwe kityo." N'agamba nti, "Ako kabonero kennyini akatabuusibwabuusibwa." N'agamba nti, "Ssi . . ." N'ambuuza nti, "Ka nsuubire toli wa nzikiriza ya ba Oneness?"

125 Ne ŋŋamba nti, “Nedda, ssebo. Ssiri wa nzikiriza ya ba Oneness. Nzikiririza mu Katonda okuba nti ye Katonda Ayinza byonna, era nga enneeyoleka ez’engeri essatu zo woofiisi buwoofiisi Katonda oyo omu ze yabeeramu.”

126 N’agamba nti, “Akuwe omukisa!” N’agamba nti, “Lumu omusaayi gwo guliyiibwa ku nsi olw’ekyo, naye,” n’agamba nti, “bannabbi bulijjo battibwa olw’ekyo kye bayigiriza.”

127 Ne ŋŋamba nti, “Ka kibe bwe kityo, bwe kiba nga kisanyusa Mukama wange.” Eyafulumya enzivuunula ya Bayibuli eya Lamsa.

128 O, kituufu nnyo. Mirundi emeka, gye ŋŋambye ekkanisa eno, nga Samwiri bwe yagamba nga tebannalonda Sawulo nti, “Nga tonnagenda kwegatta ku kibiina kya ddiini kyonna, kubaako ddiini mwe wezingirira, lwaki toleka Omwoyo Omutukuvu n’akukulembera?” Lwaki tokkiriza Katonda n’aba Omukulembeze wo n’omuleka n’akuwa omukisa, eby’eddiini yo n’obyesonyiwa? Kati, ssikugamba nti tobaako kkanisa yonna ya ddini mw’ogwa, genda obeere kitundu ku yonna gy’oyagala. Ekyo kiri gy’oli. Naye kye nkugamba kiri nti, ggwe omuntu, kkiriza Omwoyo Omutukuvu akukulembere. Soma Bayibuli. Era kyonna Bayibuli ky’ekugamba okukola, kikole. Katonda abawe omukisa.

129 Era kati nninze ekiseera kiwanvu nnyo. Simanyi oba nga wano waliwo abandyagadde okujja mu lunyiriri lw’ab’okusabirwa basabirwe. Bwe baba weebali, bayimuse emikono gyabwe. Omu, babiri, basatu. Kale. Mwenna mujje mu maaso wano muyimirire wano bwe muba mwagala, mu kaseera kano, era—era tugenda kusaba. Bwe tumala tu. . . Musooke mulindeko okugenda. Waliwo wano ekirala kye njagala okukola mu butongole nga te—tetunaggalawo.

130 Bameka abanyumiddwa okuyiga ku Kitabo ky’Abaggalatiya. . . ha, manya eky’Abaefeso? Kati, ku Lwokusatu akawungeezi, tujja kukwata ku Kabonero. Ate ku Ssande ku makya, tujja kukwata ku kuteeka ekkanisa mu kifo kyayo. Ha, bwe kiba nti. . . oba oli awo ekyo tujja kukikwatako, ku Lwokusatu akawungeezi, eri mmwe aba wano mu Jeff. Okuteeka ekkanisa mu kifo kyayo we bateekwa okuba, buli omu ku bo. Engeri gye twayitibwa olw’okutongozebwa. Katonda yatutongoza okuba abaana, tuli baana olw’okuzaalibwa. Twatongozebwa nga abaana Omwoyo Omutukuvu n’atuteeka mu bifo byaffe. Mulabeeyo! Bonna bwe baali basomoka omugga baali Baebbulaniya, naye Yoswa n’abagabanyiza ensi buli omu n’amuwa ettaka lye okusinziira ku ekyo nnyina kye yamulangirirako nga azaalibwa, Omwoyo Omutukuvu kye yamugambanga.

131 Laba Yakobo bwe yali afa, nnabbi, eyali yaziba amaaso, bwe yafunyiza amagulu ge ku kitanda, n’agamba nti, “Mujje

wano mmwe batabani ba Yakobo mbabuulire gye mulibeera ku biro eby'enkomerero." Ekitiibwa! O, mmanyi nnyinza okulabika nga atategeerekeka. Abantu bayinza okulabika nga abatategeerekeka. Naye, ha, nnyabula ssinga obadde omanyi o—obukakafu, o—okubugujja okuli mu mutima! "Mujje mbabuulire gye mulibeera mu biro eby'enkomerero." Era nsobola okukozesa Ekyawandiikibwa kye kimu ekyo, ne nkwata mmaapu y'ekifo Abayudaaya kwe batudde olwa leero ne mbakakasa nti bali mu kifo kyennyininnyini Yakobo kye yagamba nti mwe balibeera mu biro eby'enkomerero. Ate teba, ekifo ekyo, tebakibaddeemu okutuusa lwe baakomawo nga 7 omwezi gwa Maayi, 1946, ekiro kyennyini Malayika wa Mukama mwe yandabikira engulu eri n'antuma okukola omulimu guno. Era nsobola okubalaga nti, bwe baakomawo mu nsi empya, baatuulira ddala mu bifo byennyini Yakobo bye yagamba nti mwe balituula. Era nga omwo mwe batudde olwa leero. Ha, ha, bannange, ha, bannange! Tusigazzaayo olunaku lumu okutuuka eka, lumu lwokka.

132 Mmwe abaagalwa, muli balwadde, oba si ekyo temwandibadde nga muyimiridde awo. Ndi muganda wammwe. Nnatumibwa Katonda okusabira abalwadde. Si nze ku bwange. . .nti nnina amaanyi okuwonya, ssigalina. Naye nnina amaanyi g'essaala. Nga bwe nnagambye ku makya ga leero, Dawudi talina kye yalina okuggyako envuumuulo entono, naye yagamba nti, "Mmanyi ky'ejja okukola nga eriko amaanyi ga Katonda." Mukiraba? Kyokka kye nnina y'essaala entono ennyo gye nsobola okubasabira, wamu n'emikono gyange gye nsobola okubassaako, wabula mmanyi okukkiriza mu Katonda kye kujja okukola. Kukoledde abalala, nammwe kujja kubakolera. Mukukkirize kaakano nga bwe mulinnyako waggulu, mweyongere musembereko wano eno.

133 Kati, nneebuuza, oba nga kino okusobola okukikola mu ngeri entuufu, oba ssiisaabe muganda wange ajje wano abasiigeko amafuta. Onaakikola ekyo, Ow'oluganda Neville? Ekkanisa mbasaba mukoteke emitwe gyammwe tusabe.

134 Kati mujjukire, wiiki ewedde bwe nnalwala ennyo olw'amafuta ago agava mu nsogasoga, nnandiwaddeyo ekintu kyonna okufuna omuntu ajja n'anzisaako emikono. Ssinga nnali nsobola okufunayo omuntu ajja, Katonda gwe yawa omukisa gwe yayamba, nnandikisanyukidde. Kati nammwe muwulira nga bwe nnali mpulira mu kaseera ako. Kati muwulira mwagala nkole ekyo kyennyini kye nnali njagala omuntu omu okunkolera mu kaseera kali. Kikafuuwe nze okwebalama omulimu. Leka bulijjo ŋŋende, oba nkooye, oba nnyenjebuse, ne ntuuka okuba nga sikyasobola na kusenvula kigere, bulijjo leka ŋŋendenga, kubanga nja kuddamu mbasisinkane buli omu ku mmwe, eri mu Nsi eri emitala.

135 Kati mmwe abakazi abakadde, n'abasajja abakadde, abawedde ku mpagala, ab'enviiri ezifuuse envi era ezikutuka,

ezikutuka obutundutundu nga ekimuli kya looza ekyanyizza, bwe kinogokako obukuta bwakyo ne bugwa, nammwe mugenda mukutukakutuka, si bwe kiri? Bwe kiri. Kale . . . Naye ekintu kyokka ekibaagasiza okusigala nga mukyali bagumu kwe kwakisa ekitiibwa kya Katonda. Kale nga omulabe abafunzizza kaakano era nga munafuye, nzija n'envuumuulo ya Katonda, n'okukkiriza, n'ekirabo Katonda kye yampa. Mmwe okusobola okukitegeera, nnagamba bwenti. Nnagamba nti, "Ssinga Peetero ayingira wano, oba omu ku bo." Nnandimugambye ebyo tewetaaga na kubyogera. Tewetaaga kunsabira. Yandiyingidde buyingizi bw'ati, n'agamba, ka tugeze nga eri omukazi ono, n'agamba nti, "Ggwe Mwannyinaffe *Gundi*?" Erinnya lyo ggwe ani? Mwannyinaffe Howard. Kati n'agamba nti, "Ggwe Mwannyinaffe Howard. Oli mukkiriza, Mwannyinaffe Howard? Okkiriza. Oli mukkiriza. Kati nno, labayo, olina eddembe ku mikisa gyonna egy'obununuzi." Kati awo nnandigambye nti, "Mwannyinnaffe Howard, buli kimu kigenda kuba bulungi," oluvannyuma n'agenda. Ha, nga . . . Nnagamba nti, "Nnandireekaanye, ne mpoggana." Nnandigambye nti, "Mukama, kiteekwa buteekwa okuba. Kiteekwa buteekwa okuba."

136 Kati muli ne ndowooza nti, "Kitegeeza, n'abantu bwe batyo bwe balowooza bwe nzija okubasabira." Kati bwe kityo bwe kiri. Mulaba kye ntegeeza?

137 Kati emirundi mingi, nnyimiridde, ne njogera n'abantu, ne mbabuuza nti, "O, mwannyinaze omwagala, onaakikkiriza? O, onaakikkiriza?" "Ayi Mukama, Katonda, baleetere okukikkiriza. Baleetere okukikkiriza." "O, bambi onaakikkiriza kaakano?" Si ky'ekyo. Ekyo nnakiyitako. Ekyo nnakisukka.

Kati mbuuza bubuuza nti, "Mwannyinaffe Howard, oli mukkiriza?"

"Yee, ndi mukkiriza."

138 "Kale, mwannyinaffe Howard, bw'oba oli mukkiriza, oli musika wa buli kintu kyonna Katonda ky'alina." Ne mmukwata ku mukono. Okiraba, ekyo nkikkiriza. Mwannyinaffe Howard mmukwata ku mukono ne mmussaako emikono. Yesu teyagambako nti, "mubasabire," Yabagamba nti, "Babasseeko bussa mikono." Ky'ekyo, nga alyoka awonyezebwa. Mwannyinaffe ayinza okugamba nti, "Buli kimu kigenda kuba bulungi," Mwannyinaffe Howard. Kati awo osobola okuddayo eka ojja kuba bulungi. Katonda akuwe omukisa.

139 Ggwe Mwannyinaffe . . . [Mwannyinaffe addamu nti, "Hampton."—Omuk.] Mwannyinaffe Hampton, oli mukkiriza, si bwe kiri? ["Ndi mukkiriza."] Oli musika wa buli kintu kyonna kye Yawa. Katonda abeere naawe, mwannyinaffe Hampton. Kaakano ddayo eka obeere bulungi. Yesu Kristo ajja kukuwonya.

140 Ggwe Mwannyinaffe . . . [Ow'oluganda addamu nti, "Slaughter."—Omuk.] Slaughter. Ggwe . . . Ye ggwe gwe twasabira mu ddwaliro. Kitegeeza, oli mukkiriza, Mwannyinaffe Slaughter, omusika wa byonna bye tusaba. Mwannyinaffe Slaughter, nsaba ofune byonna by'osabye, era obeere bulungi. Katonda ajja kubikuwa.

141 Ow'oluganda Gene, okkiriza nti Katonda ajja kukikuwa? [Ow'oluganda Gene addamu nti, "Yee, ssebo. Yee, ssebo."—Omuk.] Nasaba Mukama Katonda akuwe, Gene, ekyo kyennyini ky'osaba! . . . ? . . .

142 Nkumanyi. [Mwannyinaffe ayogera—Omuk.] Oli mukkiriza, mwannyinaffe. Nkumanyi. Oyo awo ye balo. Y'oli gwe nnasabira ku ssimu ku luli. Ekyo bulijjo nkijjukira. Yali tasobola kugenda mu lukuŋŋaana mu Tulsa. N'ajja mu lukuŋŋaana. Bw'atyo Mukama yamuwonya, n'amusindika mu lukuŋŋaana. Wano oyimiriddewo ku lwa mulala. ["Mutabani wa muganda wange."] Ekyo nga kikolwa kya Bukristaayo, mwannyinaffe! Mukiraba? Naye yatukiikirira, Yayimirira mu kifo kyaffe fenna. Oli mukkiriza era olina eddembe okufuna mu buli kintu kyonna Katonda kye yasuubiza. Ndi muweereza We. Era okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo, nkuwa ky'osaba.

143 Jangu, Ow'oluganda Neil. Katonda akuwe omukisa. Abadde mulungi nnyo gy'oli. Oli mukkiriza. Nkimanyi oli mukkiriza. Nzikiriza nga Katonda ajja kukuwa buli kimu ky'osaba, kubanga oli mukkiriza. Era nga omuweereza We, eri ggwe, muganda wange, mu Linnya lya Yesu Kristo, nkuwa omutima gwo kye guyaayaanira. Genda okifune. Katonda akuwe omukisa.

144 Mwannyinaffe Bruce, nkumanyi. Nnansi oli eyansiimuula omugongo yali akumanyi. Aviira ludda eri kumpi ne wooteeri eyitibwa Motel JJ, Twin J, oba ekifaananako bwe kityo. Otera okujja nga ozze ku lwa balala. Kati akawungeezi kano kiki ky'oyaayaana okufuna okuva eri Kitaawo? [Mwannyinaffe Bruce addamu nti, "Akawungeezi ka leero, nzize ku lwange."—Omuk.] Akawungeezi ka leero, ozze ku lulwo. [Mwannyinaffe Bruce ayogera nate.] Kati, omulabe akusikambudde n'akujja abasawo we basobolera okukuyamba, naye nzija okukunonayo, n'envuumuulo. Era mu Linnya lya Yesu Kristo, nnasula akasaale okuva mu nvuumuulo nga nkoolekeza eri ejjinja erikuzibikidde ensigo. Kajja kukukomyawo ewa Katonda, mu nnyumba Ye.

Tukusabye, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

145 Ggwe kitaawe w'omusajja ono, ssebo? Oli mukkiriza? [Ow'oluganda ayogera—Omuk.] Olina aniya mu ludda lwo olumu; wansi, ne ku ludda lwo olwa kkono. Okkiriza nti Katonda anaakikuwa, ssebo, era nga ndi muweereza We?

146 Ayi Mukama, omukono guno osanga gulina emirimu emikalubo gye gukoze olwa leero. Alina ensonga emuleese

wano, waliwo ky'alina okukola. Kimuwe, nga okuyaayaana kw'omutima gwe bwe kuli, ayi Kitaffe, nga bwe nsaba mu Linnya lya Yesu nti Onaakikola. Amiina.

147 Tobuusabuusa. Aniya oyo ajja kulekera awo okukuleetera obulumi wansi awo, era ojja kuba bulungi. Katonda akuwe omukisa . . . ? . . .

148 [Mwannyinaffe agamba nti, "Nnumizibwa omutwe n'omumiro, nnumizibwa embiriizi bwe nkolola. Ssisobola kuyimba. Ssirina kye nsobola kukola. Njira . . . ? . . . Ssisobola na kwebaka kimala. Ssirina kye nsobola kukola."—Omuk.] Oli mukkiriza, si bwe kiri? ["Ndi mukkiriza. Nnajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu."] Oli mukkiriza. ["Mmanyi nga Katonda atuula mu nze."] Era oli—oli musika wa mikisa gino gyonna. ["Nkimanyi. Era nzikiriza. Nzikiririza mu ssaala zo, Ow'oluganda Branham. Nzikiriza nti Katonda ajja kumponya. Nzikiriza nti Addamu essala zo."] Weebale nnyo.

149 Kitaffe, ndeeta, mwannyinaze ono, ali wakati mu ddwaaniro, nga ateebeddwamu ssabbaawa. Era mmukomyawo gy'Oli, okuva mu njala z'omulabe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

150 Bwe kityo bwe kigenda okuba.

151 [Mwannyinaffe agamba nti, " . . . ? . . . erimu ku mawuggwe gange libadde ligenda lifa, ate eddala nga ffu."—Omuk.] Erimu ku mawuggwe gange lyetaaga okulongoosebwa.

152 Ayi Mukama, omukazi omuto ono nga ayimiridde wano, ate nga bambi akyali mu myaka emito, mmusabira. Alina erimu ku mawuggwe ge lyetaaga okumuggyibwamu, ate nga awo ajja kuba alina okukootakoota, ebbanga ly'obulamu bwe lyonna erisigaddeyo. Ye ggwe Kitaffe, era ndagiriza omuliro gw'essaala gy'ali, ayi Mukama, eri amawuggwe ago. Ntuma essaala eno mu Linnya lya Yesu Kristo. Leka ekome ku mawuggwe ago era egawonye. Kino nkisaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

153 Ggwe Mwannyinaffe . . . [Mwannyinaffe addamu nti, "Nze Gibbs."—Omuk.] Mwannyinaffe Gibbs. ["Mu mutwe mwennyini, era ggunnuma n'okunnuma."] Ky'ekyo kyennyini. Omutwe gwo tegutunudde gyendi. Oli mukkiriza era oli musika wa mikisa gya Katonda gyonna, Mwannyinaffe Gibbs.

154 Mukama, mmuleeta gy'Oli, n'envumuulo eno entono gye Wampa, nga Ggwe bwe wawa Dawudi envuumuulo, okulunda endiga za kitaawe. Era omulabe bwe yalumbanga endiga, ye teyatyanga. Yakwatanga bukwasi nvuumuulo ye eyo ne yeŋŋanga empologoma ne—n'amalubu, endiga eyo n'agikomyawo. Eno essaala ya kukkiriza. Waŋŋamba nti bwe, "nnaaletera abantu okukkiriza era ne mbeera mwesimbu." Nkomyawo Mwannyinaffe Gert akawungeezi kano. Mmusikambulayo okuva mu mikono gy'omulabe. Ndiga Yo. Mmukomyawo mu kisibo kya Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

155 [Mwannyinaffe omu agamba nti, "Mwannyinaffe Lowe."—Omuk.] Mwannyinaffe Lowe. ["Nnina obulwadde bwa ppuleesa."] Obulwadde bwa ppuleesa. Ate nga oli mukkiriza, si bwe kiri, mwannyinaffe Lowe? Omusika w'emikisa gyonna.

156 Kaakano, Kitaffe Katonda, nsindika essaala eno akawungeezi ka leero, okuva mu nvuumuulo ya Katonda, ku lw'obulwadde bwa mwannyinaffe Lowe obwa ppuleesa. Era omulundi omusawo gw'anaddako okukebera entunnunsi ze, nsaba amutunuulire amugambe nti, "Kati zaateredde." Ajja kumanya ekyakikoze. Mu Linnya lya Yesu Kristo, nkimuwa. Amiina.

157 [Waliwo ow'oluganda ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Weewaawo. Kale ssinga kitange abadde wano akawungeezi kano, nnandimusabidde mu kaseera kano kennyini. Naawe, owuwo ŋŋenda kumusabira. Nkitegeera.

158 Kitaffe Ow'omuggulu, waliwo omusajja eyazaala omuvubuka ono, n'aba nga ali ku nsi akawungeezi kano olw'okuba ye. Era mutabani we wuuno ayaayaana okulaba nti kitaawe akomezebwawo; okuva eyo mu nsi ey'ekibi, n'okunywa omwenge. Ayi Mukama, nsindika essaala eno n'okukkiriza n'amaanyi, ne byonna bye nsobola okugikasusa, akayinja kano, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Nkakasukira ssetaani oyo eyateeka awo ekintu ekyo ekyamuwambira eyo gy'ali. Era leka kiveewo. Era akomewo mirembe mu kisibo, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

159 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham, nfune Omwoyo Omutukuvu. Njagala kufuna Mwoyo Omutukuvu. Nnina okumufuna. Njayaana okumufuna. Nnina okufuna Omwoyo Omutukuvu."] Oyaayaana okumufuna. Oyagala kuyingira mu Nsi ebisuubizo byonna mwe biri. ["Yee."]

160 Kaakano, ayi Mukama, omulenzi ono ali ludda eri emitala w'omugga, w'akubye weema ye ku ludda luli, era Yoludaani eyira. Era tewali ngeri yonna gy'ayinza kusomokamu okuggyako nga Omukoleddewo ekkubo nga bwe Wakolera Yoswa ne Isiraeri. Era, Kitaffe, nkusaba, nga omuweereza Wo, kkiriza muganda waffe omwagalwa, Ayi Katonda, mukkirize ayingire mu Nsi eno, mu kisuubizo kino. Kibeere nti, ku ludda luli, nga bwe nnasitulibwa ne ntwalibwayo ekiro kya luli, nsaba nfune akakisa okumugwa mu kifuba mmuwambaatire, mu Nsi eri endala, mmugambe nti "Muganda wange omwagalwa." Kikole, ayi Mukama. Leka afune ekisuubizo kya Katonda, Omwoyo Omutukuvu. Amiina.

161 Ayi Mukama, eri muganda wange ono omwagalwa; omukono guno ogubadde ogw'ekisa gyendi, era ogunkoledde ebintu, ebitayogerekeka. Akkiriza era alina okukkiriza. Kati omulabe agezaako okwefunza, mukwano gwange ono: bulwadde bwa sukaali. Era alowooza nti a—asobola okwefunza omulenzi ono.

Naye mmulumbagana. Mmulumba, okukomyawo omulenzi Wo ono, ayi Mukama, nga nkasuka envuumuulo eno n'okukkiriza okumaliridde. Mu Linnya lya Yesu Kristo nkuba obulwadde bwa sukaali obwo!. . .?. . .muganda wange. Komyawo endiga Yo mu kisibo, Kitaffe, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

[Mwannyinaffe Bell ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

162 Ayi Mukama, mwannyinaffe amanyi nti omugejjo guno, nga omusawo bw'agamba, nti kintu kya kumutta. "Buli kiro, gye yeeyongerako, esalako omwaka ku bulamu bwe," okusinziira ku kalenda y'aba yinsuwalensi. Naye ayagala kubeerawo ku lw'ekitiibwa kya Katonda n'okumutendereza. Ate kino tewali musawo yenna asobola kukikola, ayi Kitaffe, Katonda. Kiri mu—mu mikono Gyo. Ate mwannyinaffe Bell abadde mwesigwa nnyo. Era abadde wa kisa era agumidde okugezesebwa, kw'ayiseemu. Ayise mu kugezesebwa kungi nnyo. Mmukima akawungeezi kano, ayi Mukama. Nnumbagana omulabe oyo. Nteebera ddala awali obuzibu obwo ne ssekuteeba yenna. Mu Linnya lya Yesu Kristo, nnasula ejjinja eryo ery'okukkiriza nga ndinasula okukuba omulabe ono amukutte. Ka limusaasaanye, era limumugobeko, asobole okukomezebwawo awali omuddo omuto wamu n'amazzi amateefu, okuyita mu Yesu Kristo. Amiina.

Kigenda kutuukirira, mwannyinaffe Bell. Ggwe tobuusabuusa.

163 Mwannyinaffe Spencer. [Mwannyinaffe Spencer agamba nti, "Ow'oluganda, Ow'oluganda Bill, nneeyongera okwagala Mukama buli lunaku lwe mba omulamu. Era kati mpezezza emyaka abiri nga nzija wano, mu kifo kino. Era mponyezeddwa kyenkana buli kimu ekyali kintuseeko. Byonna obijjukira, era. . .?. . ."—Omuk.] Weewaawo mbijjukira, mwannyinaffe. . .?. . .["Era Ampadde emikisa mingi nnyo ddala! Era nneeyongera okumwagala okusingawo, buli lunaku lw'obulamu bwange. Mmanyi nnina obulamu obweyagaza mu Mukama."] Ekyo nkikkiriza, Mwannyinaffe Spencer. ["Ndi musanyufu. Ndi musanyufu! Kino kye nnina bw'aba nga si ye Mwoyo Omutukuvu, ŋŋenda—ŋŋenda kusigala ku wolutaali okutuusa nga nfunye buli kimu ky'Alina ku lwange, era ŋŋenda kufiira ku wolutaali."] Amiina. ["Ekyo kye njagala Akole era mbadde nfiira ku kyoto awamu ne Yesu."] Amiina. Katonda, akuwe omukisa. . .?. . .Amiina. ["Era njagala nkubuulire kye njagala okole. Omanyi, Nuuwa yayingira ne famire ye yonna, nange njagala famire yange yonna. Omanyi bwe njagala abaagalwa bange balokoke."] Nkitegeera. Abaana bo. Bwe kiri. [". . .?. . .abaana bange."] Yee, nnyabo. ["N'omwami wange."] Yee, ssebo, nja. . .["Nga byonna bw'obimanyi."] Weewaawo. ["Watusabira."]

164 Mwannyinnaffe Spencer fenna tumumanyi, era tumanyi nga ye n'Ow'oluganda Jess bwe bayise mu mbeera enzibu ddala, naye nga byonna babiyiseemu nga bali wano mu kkanisa. Bwe ndisomoka ne ŋŋenda ku ludda luli, baliba batambula tebabambaga bwe bati. Baliba bato. O! Ow'oluganda Jess, singa mbadde . . .?. . . omanyi. Era mwenna mumanyi nga, e—emitala eri . . .?. . . emitala, bw'oddayo n'ofuuka omuwala oli omuto nate, n'Ow'oluganda Jess n'afuuka mulenzi muto. Katonda yabasuubiza.

165 Kati, mulabeeyo. Njagala kubaako ekintu ekitonotono kye mbayigiriza, nga bwe kiri nti mmwe musembayo, njagala kukibawa.

166 Kubanga, ono mmumanyi mutabani wo, Charlie. Oyagala asabirwe? [Ow'oluganda Charlie addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.]

167 Njagala njogere ekintu kino kimu. Mwali musomyeko mu Byawandiikibwa Bayibuli kino w'ekyogerera? Pawulo yagamba omusirikale Omuruumi.

Mumpulira bulungi mwenna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

168 Yagamba Omuruumi, bwe yasowolayo ekitala kye okwetta, eyo mu Firipi bwe yali mu kkomera. Ekikankano bwe kyayuuguumya ekkomera. Yamugamba nti, "Kkiriza Yesu Kristo, olwo ggwe n'ennyumba yo munaalokolebwa." Ekyo mwali mukiwuliddeko? "Ggwe n'ennyumba yo." Kati, mulabeeyo. Bw'oba olina okukkiriza okumala olw'obulokozi bwo nga ggwe, tosobola kuba na kukkiriza kumala ku lwa nnyumba yo? Katonda, mu ngeri emu, ajja kukikola.

169 Mukama, kaakano, nsabira Mwannyinaffe Spencer n'Ow'oluganda Spencer, akawungeezi kano, nti buli mwana, bo wamu n'abaana baabwe, babeereyo mu Nsi eyo ey'ekitiibwa, ey'essanyu eyo awataliba ndwadde newankubadde okukaddiwa, awataliba nnaku newankubadde okuyiibwa, n'obulamu buno bwonna lwe buliggwerera nga ekirooto enky'entiisa ekiyita obuyisi. Nsaba kino bakifune, era nsaba nti n'abaana be bonna, wamu n'omwami we, abo bonna b'ayagala, n'abo bonna abamwagala, n'abo bonna b'ayagala, nsaba bonna babeereyo wamu naye, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

170 [Mwannyinaffe Spencer agamba nti, "Amiina. Weebale nnyo."—Omuk.] Katonda akuwe omukisa. ["Mangu ddala ŋŋenda kuba mpeza emyaka kinaana mu ebiri."] Emyaka kinaana mu ebiri. [" . . .?. . . Naye bagenda bakaddiwa, ku myaka egyo. Naye nkyakola emirimu gyange egy'okufumba, okwoza, n'okugolola, n'okulongoosa ennyumba."] Nga ensi bw'eri mu kusasika, Mwannyinaffe Spencer. ["Weewaawo, eri mu kusasika. Buli kaseera, mbeera nkooye. Bakitegeera . . . Nnabuuza maama wange, muka kitange, eyali ow'emyaka kyenda, ne mmubuuza

bw'owulira nga okaddiye, wayiseewo ekiseera kinene kati. N'aŋŋamba nti, 'Rose, oyinza okwesanga nga oliba mukoowu obudde bwonna.' Ndi mukoowu."] Weewaawo, ky'ekiseera ogende owummule, olaba. ["Buli kaseera mbeera, nkooye nnyo. Nneetaaga kuwummula. Kye nneetaaga."] Bwe kiri, maama. ["Naye njagala kuwummulira mu Mukama, ku maviivi gange. Mu, mu byonna bye nneetaaga."] Weewaawo. Ggwe nywereza bunywereza kukkiriza kwo nga kuli mu Ye, Mwannyinaffe Spencer, ojja kusomoka. ["Njagala kufiira ku wolutaali, mu Linnya lya Yesu. Njagala kusigala nga ndaba oyo, nga bw'Akyakowoola."] Era Yagamba nti . . . ["Njagala buli kimu ky'Antegekedde."] Nga bwe nnyimiridde wano bwenti naawe, akawungeezi kano, Mwannyinaffe Spencer, olw'ekisa Kye bwe ntyo ndibalaba ggwe ne Jess emitala eri, nga muli bato era nga muli balamu bulungi. Mwenna muliba mudduka, nga bwe muleekaana nti, "Muganda wange! Muganda wange!" Ndibalaba.

Mukazi wattu yeetamiddwa.

171 Kitaffe Katonda, omuwala ono yennyamira mu mutima, era eddagala terikyasobola kumuyamba. Ye yennyini, y'akyaziyiza okusumululwa kwe. Naye mmunonayo akawungeezi ka leero. Nzija gy'Oli, Kitaffe. Nzija, nga nkusaba Olagirize ekyasi kye nteekwa, kye ŋŋenda okunasula. Nsaba kiteebere ddala awo wennnyini, ku mugongo gwe. Nsaba essaala eno, mu Linnya lya Yesu Kristo, ebalule okweraliikirira okwo ekuyuzeeyuze obulere, ekomyewo endiga y'ekisibo kya Katonda eno. Amiina.

Kiteekwa okubaawo, mukwano.

172 [Waliwo mwannyinaffe agamba nti, "Gwe saba busabi. Nnina abaana mukaaga be nsabira Katonda abawonye era abalokole."—Omuk.]

173 Katonda Ow'omuggulu, nsaba okikole ekyo, abaana be omukaaga b'ayagala balokoke. Yawulira obujulizi buli obw'Ow'oluganda Daulton, obwa bawala be abaagalwa. Naye ayaayaanira abaana be omukaaga, Kitaffe. Nsaba abafune. Nsaba bamusisinkaneyo mu Nsi eri etali kiro, batuukeyo mirembe nga bakuumibwa Omusaayi gwa Yesu Kristo. Amiina.

Nsaba bakuweebwe, mwannyinaffe, kwe kusaba kwange.

[Waliwo Mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

174 Nkukkiriza. Kyenkana, tewali n'ekimu, kiyinza kumuyamba. Waliwo akantu ke babakuba akakolanga, ha, kakolanga eddagala erikakkanya obulumi eriyitibwa acetamin. Bakayita, cortisone lye linnya lyako. Kyenkana, akabula, okukutta. Kayuzaayuza omusaayi gwo. Naye, labayo. Labayo, amakajja ago galinga empologoma eri eyanyakulawo akaliga n'edduka nako. Kati, envuumuulo obuvuumuulo enaakolawo ki? Ha, bannange! Waliwo empologoma ennene ewuluguma ekutte

akaliga. Era akaliga ako ekaagala, kale edduse nako. Naye Dawudi yakwata bukwasi nvuumuulo n'agyeŋŋanga. Olaba? Kati, weetegereze. Yalina amayinja ataano: o-k-u-k-k-i-r-i-z-a, ye nga ye, m-u. Envuumuulo ye yali mu mukono *guno*: Y-e-s-u. Oyo mutasubwa. Waliwo ekiteekwa okubaawo. Leka tulumbagane amakajja ago, akawungeezi ka leero, nga tuyita mu ssaala eno. Nsaba Mukama akikuwe.

175 [Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Ayagala kubatizibwa mu Linnya? ["Nedda. Nedda. Si y'akyogedde."] Ye ggwe ayagala abatizibwe. ["Kwe kuyaayaana kwange okulaba nga abatizibwa."] Weebale nnyo, mwannyinaffe. Si kuba nti kirina kuba bwe kityo. Wabula lwa kuba . . . Kaakati, ssinga ekyo kibadde mwekiri mu Bayibuli, ekya, "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu," Nna—nnandikkirizza, kye nnadikoledde ddala kyennyini, mwannyinaffe. Ssa—ssandiyagadde kwawukana ku balala. Nna—nnandiyagadde nkole kye kimu. Ssandikkirizza . . . Nja—nja kukyanukulira ekyo, okiraba. N'olwekyo *Ekyo* nteekwa kukyogera nga bwe kiri; si kwawukana bwawukanyi ku balala, wabula kuba mwesimbu.

176 Kaakano, Kitaffe, tujja ku lw'omwagalwa we alina obulwadde bw'omu nnyingo, era nga ayagala abatizibwe mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, kubanga ogwo gwe mulyango oguyingira. Olwo lwe luggi oluggule. Weewo Yoswa we yaggulawo ekkubo limu lyokka erigukka mu nsi ensuubize. Enzigi enzigule tezaali bbiri oba ssatu; waggulwawo lumu lwokka.

177 Peetero, ku lunaku lwa Pentekoote, Ekkanisa lwe yatandikibwa, yaggulawo ekkubo, n'agamba nti, "Mwenenye buli omu ku mmwe mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo." Tebaavaako mu kkubo eryo, buli omu yasomoka n'ayingira mu Nsi ensuubize.

178 Abamu ku bo baali bagezaako okusomoka, nga bayita emmanga ku mwalo omulala, Pawulo n'ababuuza nti, "Mwabatizibwa mu ki? Wa gye mugezaako okusomokera?"

Ne bamuddamu nti, "Emmanga eno Yokaana gye yatunula."

179 N'abagamba nti, "Kati nno, Yokaana ye yasonga busonzi ku kiseera, n'ekifo." Era ekyo bwe baakiwulira, ne babatizibwa ku mwalo omutuufu. Ne basomoka, ne bafuna ezzabbibu ly'Omwoyo Omutukuvu.

180 Kikolere mwannyinaffe n'abaagalwa be, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

181 Ow'oluganda Lyle. [Ow'oluganda Lyle agamba nti, "Nzikiriza ggwe mukulembeze omutuufu yennyini, Ow'oluganda Branham."—Omuk.] O, ow'oluganda! ["Nzize . . . ? . . . Bw'oba ojukira bulungi ekyabaawo mu kirooto, waliwo ekintu ekyajja . . . ? . . . Ekirooto ekyo bw'oba

oyagala okukyogera, tewali buzibu. Ekirooto ekyo kye nnaloota. Ekyo, bulijjo ky'oloosenganga nga ddala!. . .?. . .”] Weewaawo. Wayiseewo ekiseera. [“Weewaawo.”] Weewaawo. Ndi musanyufu. . .?. . . Katonda akuwe omukisa. Oli mu lugendo okugenda mu Nsi ensuubize! Oba oli awo ka nkyogere.

182 Bameka wano abayinza okuba nga bajjukira obuweereza buno bwe bwali tebunnakakasibwa gyendi, bwe nnali ndoba ebyennyanja lumu n'omusajja omu emmanga ku mugga, ku nnyanja? Kati nnali ndoba bwennyanja obutono, Omwoyo Omutukuvu n'anzikako. Waaliwo. . . Omusajja ono Mujulirwa wa Yakuwa, gye yali. Muganda we alina w'ali muno, Banks Woods. Alina munda wano w'ali, era nga muliraanwa wange.

183 Ono ye Lyle. Era abantu bano baali Bajulirwa ba Yakuwa. Era baagamba nti, lumu bwe twali emmanga nga tuloba ebyennyanja, omulenzi ono nga amaze okulokoka, nnamugamba nti waaliwo ekintu ekyali mu bulamu bwe, ne mmugamba na kiki—kiki ekyabaawo, na buli kimu kyonna. Nga ky'ekyo, kye yaakava okuŋŋamba, era yaakakiggya mu bulamu bwe, ekyo kituufu ddala, kyonna kye kyali. Kituufu ddala. Kitaawe ye yali o—omusomi. Taata waali wano akawungeezi kano, Billy? [Waliwo ow'oluganda addamu nti, “Ssimanyi.”—Omuk.] Era ye ne mukazi we, bombi, baabatizibwa, okuba abajulizi mu Linnya lya Yesu Kristo, wano mu kidiba. Naye omusajja ono yali antudde ku mabbali, lumu.

184 Banks, oli ludda wa? Waali wano akawungeezi ka leero? [Waliwo addamu nti, “Ali mabega eri mu nsonda ddala awasemba.”—Omuk.] Emabega mu nsonda. Weewaawo.

185 Kati twali tuloba byannyanja. Era, ow'oluganda, katabani kange kaali kasse. . . nnalowooza kaali kasse ka kappa, ennaku ntono emabegako. Waaliwo kkapa eyalina obwana obuto obuwerako, bw'atyo n'asitula kamu n'akasuula wansi. Muli ne ndowooza. . . Nnagamba nti, “Waliwo obulamu obw'ekintu ekitono Mukama bw'agenda okuzuukiza,” olunaku lumu emabega nga ebyo tebinabaawo. Si bwe kiri, Lyle? [Ow'oluganda Lyle addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Bwe twali tutudde mu kyondo. Ne ŋŋamba nti, “Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.” Ne tuloba ebyennyanja ekiro kyonna naye ne tutakwasa kantu.

186 Enkeera, twali tuloba ebyennyanja, emabega mu kyondo, nga tunoonyaayo Akagege ako akayitibwa bluegill. Akagege ako akatonotono. Kati Ow'oluganda Lyle yalina eddobo eddene, n'aleka akagege ako ne kalimira, ne kamira eddobo eryo eddene lye yalina, okutuusa nti, bwe yalisikaayo mu mazzi, akaguwa kaalyo konna kaali kayingiridde ddala, wamu n'eddobo eddene, mu lubuto lw'akagege kano akayitibwa ka bluegill. Kale bwe yalisikaayo, ebyenda byonna yalina okubisikayo na buli kimu okuva mu kagege kano akayitibwa bluegill, okusobola

okuliggyayo. Kale yalisikayo busisi, kubanga eddobo eryo eddene lyali liwagamidde mu lubuto lw'akagege kano. Era bwe yalisikaayo, kko n'akakasuka mu mazzi. Ne kasambamu, emirundi nga ena oba etaano, ebyako ne bikoma, kubanga ebyenda byako byonna n'ebiviiri byali bisowoseeyo nga biri mu kamwa kaako. Ne katengejjamu awo okumala eddakiika nga asatu, ne katengejja amazzi ne gakatwala mu biddo awo.

187 Nze nnali ntudde awo nga ndoba. Amangu ago, Omwoyo Omutukuvu n'akka, n'agamba nti, "Yogera eri akagege ako."

188 Ne ŋŋamba nti, "Kagege ggwe, Yesu Kristo akuddiza obulamu bwo." Akagege ako, akaali katengejjera ku mazzi nga kafudde, ne kakyuka ku ludda olumu, ne kagira rrrrroot, ne kadda mu mazzi munda, mu bwangu obw'ekitalo.

189 Ow'oluganda Lyle n'Ow'oluganda Woods baaliwo awo. Ow'oluganda Lyle n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kibaddewo ku lwange, kubanga nnagambye aka . . . "

190 Akawungeezi ka leero, nsobola okubabuulira bye wayogera? [Ow'oluganda Lyle addamu nti, "Osobola okubibabuulira. Tewali buzibu, Ow'oluganda Branham."—Omuk.]

191 Yagamba, bwe yakasikaamu ebyenda byako, n'akakasuka n'akazzaayo, yagamba nti, "Ossizza ogusembayo, bambi," bw'atyo. N'akakasuka n'akazaayo mu mazzi.

Kale yaŋŋamba nti, "Ekyo ki—kibadde kitegeeza nze."

Ne mmugamba nti, "Nedda, Ow'oluganda Lyle. Si kye kibadde kitegeeza."

192 Ow'oluganda Banks ali emabega wali, n'agamba nti, "Bantu bameka mu nsi eno, enkumi n'enkumi z'abantu bameka, abandyagadde okuyimirira we tuyimiridde mu kaseera kano, okulaba amaanyi ga Katonda nga gakola ekintu bwe kityo!" Amakulu nti, yalinga . . .

193 Nzikiriza fenna twawulira nga Peetero bwe yawulira bwe yagamba nti, "Kirungi tusigale wano. Tuzimbe wano ensiisira ssatu." Olaba? Ekyo kituufu.

194 Kati, Ow'oluganda Lyle, wafukibwako amafuta g'Omwoyo Omutukuvu kati. E Misiri wavaayo. Ensaka za katunguluccumu n'empitambi y'ensi wabireka mabega. Kaakano ggwe oyimiridde ku lubalama lwa Yoludaani, oli mitala eri. Nsaba Katonda akusomose; Lyle.

195 Katonda Ayinza byonna, ekirabo Kyo kiikino. Amazima yali asobeddwa, ayi Mukama, naye omutima gwange ne gumulumirirwa. Essaala zaffe zaatomera ejjengo ery'ebisiira emitala eri, era ekintu ekyo ekyali kimukutte kati kyamuta. Kyabetentebwa. Era kaakano atambula okwolekera Yoludaani. Mutwale mu Nsi ensuubize, ayi Mukama. Era omusseeko akabonero mu bantu. Nti, ku Lunaku olwo olw'ekitiibwa lwe tulisisinkana emitala, nsaba mmugwe mu kifuba

mmuwambaatire, nga bwe ndeekaana nti, "Muganda wange omwagalwa!" "Mmumanyi." Baleete bombi ne Banks, ayi Mukama, Onaakikola? Taata ne maama, ne bonna, mwannyinaabwe, n'ab'ennyumba eyo yonna, nsaba fenna tusisinkane emitala, ayi Mukama, era leka buli omu ku bo ajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu. Nsaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Ojja kumufuna, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Lyle.

196 [Waliwo agamba nti, "Ow'oluganda?"—Omuk.] Wangi, ow'oluganda. ["Waliwo essimu evudde ewala, waliwo afa, alinze ku ssimu."]

197 Bakubye essimu okuva ewala, waliwo omuntu ali obubi afa. Kale olukuŋŋaana ŋŋenda kulukwasa Ow'oluganda Neville nga bwe nnyingira munda wali.

198 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Lubadde lunaku lukulu nnyo era lwa kitalo mu Mukama waffe! Katonda atukoledde ebintu eby'ekitalo olwa leero. Bye nnazze nsuubira byonna bituukiriziddwa—Omuk.]

["Fenna wamu ka tuyimirire, ku bigere byaffe.]

199 ["Mujjukire olukuŋŋaana lw'oku Lwokusatu akawungeezi. Musabire ddala. Emitima gyonna egitali mimativu, era egitalina bukakafu gisisinkane Katonda. 'Ekiseera kisembedde. Ekiseera kye kino. Leero lwe lunaku olw'obulokozi.']

200 ["Abagenyi mwenna Katonda abawe omukisa, mmwe abaavudde ewala. Essaala yaffe eri nti Katonda abatambuze bulungi, nga muddayo ewammwe gye mubeera. Kibadde kirungi okubeera nammwe. Era mutusabire nga bwe mugenda, Mukama atuwe omukisa, ne mu kifo kino.]

201 ["Kitaffe Ow'omuggulu, nga omuweereza Wo bw'azze akawungeezi kano, okukola omulimu gwa woofiisi y'omuweereza Wo era nnabbi, okuyimirira wakati, mu muwaatwa, okukola olukomera, nga ajja gye tuli n'okwagala okuyitirivu okw'omuweereza Wo, nga bwe yabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'aweebwa woofiisi ya nnabbi, okwogera eri omulembe guno. Tuyambe olwa leero n'akawungeezi kano, okusembeza Obubaka obujja gye tuli, ayi Mukama, obutukuutira, okweteekateeka.]

202 ["Wa omukisa buli omu yenna afuluma mu nzigi z'ekizimbe kino akawungeezi kano. Endwadde ezituluma, ze tutamanyi, leka ekisa Kyo eky'omukisa kitutalize era kitutaase era kituwonye, era kitukuume, okutuusa ekiseera ekyo bw'oliba Otuusizza okutukyusa okututwala ku ludda luli. Wa omukisa abo bonna abamaliddwamu amaanyi era abayiwiddwa, abali mu kutya, n'abo abaterebuse.]

203 ["Ayi Katonda, akawungeezi kano tusaba okukyalirwa okw'enjawuo, okw'omukisa gw'Omwoyo Omutukuvu, kubeere ku buli muyise, ku buli mutambuze, buli mugenyi ali mu makkati gaffe. Buli yenna afuluma enzigi okuva wano akawungeezi kano, tusaba okubikkibwako kw'Omusaayi, okuva ku musaalaba e Kalivaaliyo, gumubikkeko era gumugabirire nga bwe kyetaagisa.]

204 ["Tuwonye bwe tulwala. Tukuume olw'amaanyi Go ag'ekitalo. Tufukeeko amafuta olw'okuweereza. Leka tutambulire mu kwagala, mu maaso Go, ennaku zonna ez'obulamu bwaffe. Naffe tunaakutendereza olwa kino, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu Kristo era ku Lulwe. Amiina.]

205 ["Kale Katonda abawe omukisa. Era tuli basanyufu okubeera nammwe. Mukwataganeeko mu ngalo."—Omuk.]

206 Nsiimira ddala byonna bye munkoledde, kkaadi ne . . .?. . . Yee, ssebo. Nsiimira ddala . . .?. . .

207 Kale tukasuse ejjinja ery'okukkiriza . . .?. . . Wabaddewo omusajja okuva . . .?. . . Kale mmuweerezza essaala, mu Linnya lya Yesu Kristo. Abadde agalamidde awo okumala essaawa nnamba, talina ntunnunsi, tassa, talina ky'akola. Tassa, talina ntunnunsi, manya tassa mukka, tewali ky'akola; nga amaaso ge gakanuse, nga yagudde awo ku kituuti. [Ow'oluganda Neviile agamba nti, "Yamulese bulesi awo okutuusa essaala eyo lwe yasabiddwa."—Omuk.]

208 *Guno* gukyaliko? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Yee, gukyaliko."—Omuk.]

209 Musobola okumpulirizaako? Engulu eri, waliyo omubuulizi w'enjiri omuvubuka, omubuulizi, engulu eno mu Indiana, abadde abuulira, n'anogoka n'afiira mu kituuti, mu ssaawa nga emu emabega. Bw'abadde abuulira, anogose ng'adda mu maaso, n'afiira ku kituuti, omubuulizi omumanyifu, bw'abadde abuulira eyo mu Indiana. Omusumba abadde ky'ajje ankubire essimu. Yafudde nga ali wakati mu kubuulira njiri wansi w'amafuta ag'Omwoyo, n'anogoka mu maaso, amaaso ne gakanuka, n'alekera awo okussa. Baamulangiridde nti afudde, abadde awezezza essaawa nnamba nga ali awo afudde. Naye ne bafuna ekirowoozo eky'okukuba essimu wano ku kkanisa mmusabire. Kale mmusabidde akomezebwewo, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Mbasaba munneegatteko mu kukkiriza, essaala eyo ereme kusubwa kigendererwa kyayo, wabula emmuzzeemu obulamu era emukomyewo. Mwebale nnyo.

210 Katonda abeere nammwe, okutuusa lwe nnaddamu okubalaba ku Lwokusatu akawungeezi. Mmwe abaavudde mu Georgia n'awalala wonna, mweraba. Katonda abeere nammwe.

211 Ow'oluganda Pat . . .?. . .

OKUTONGOZEBWA 1 LUG60-0515E

(Adoption 1)

OBUBAKA BW'OKUTONGOZEBWA OBUDDIRIŋŋANA

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi nga 15 Maayi, 1960, mu Kkuŋŋaniro kya Branham mu Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org